Amaanyi Ga Katonda Agakyusa

Weebale, ow'oluganda. [Ow'oluganda Carl Williams agamba nti, "Mazima ddala mukisa munene nnyo Ow'oluganda Branham okujjanga entakera mu Phoenix. Ndowooza ajja nnyo mu Phoenix okusinga awalala wonna. Era twagala asigale nga ajja wano, weewaawo, kasita mba nga nange nkyaliwo. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Branham."—Omuk.] Weebale—weebale, Ow'oluganda Williams.

Mwasuze mutyanno, ab'emikwano. Ndi . . . Enjega eno eyatuuse ku b'enju y'Ow'oluganda Shakarian, Ow'oluganda Williams ne Mwannyinaffe Williams n'abasinga obungi ku mmwe mugimanyiiko. Nnakiraba mu kwolesebwa, emyaka nga ebiri oba essatu emabega nga mwannyinaffe tannalwala, era ne kibaawo.

2 Era omwaka oguyise bwe twali wano, nzikiriza gwali mwezi gwa Janwali, bwe twali mu lukuŋŋaana olunene, kyaliwo mu kiseera ekyo kabona oyo (Erinnya lye ye ani? Nneerabidde erinnya lye.) lwe yali wano. [Waliwo agamba nti, "Stanley."—Omuk.] Stanley, Omulabirizi Stanley, okuva mu ekereziya Katolika. Mujjukira bwe yandeetera Bayibuli, omanyi, n'aŋŋamba nti . . .

Waaliwo obunnabbi obw'enjawulo obwali bugamba nti, "Muwala Wange, owonyezeddwa."

3 Naye ye yali akimanyi nti okwolesebwa kwali kugambye nti mwannyinaffe tajja kuwona. "Ajja kufa wakati w'essaawa munaana n'omwenda nga bukya." Ekyo mukijjukira? [Waliwo agamba nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kale, essaawa nga munaana oba mwenda nga bukya.

4 Kati Demos nnali ssisobola kukimugamba. Naye nnagamba maama we omuto, eyali mu kasenge akaddako awo, mu maaso g'ekifo kino kyennyini. Ne mmugamba nti, "Mwannyinaffe tagenda kuwona."

Muky. Shakarian n'agamba nti, "Naye, kati buli omu awa obunnabbi."

5 Ne mmugamba nti, "Weewaawo, nange, nnandiba omukyamu, naye nnakyogedde. Tagenda kuwona."

6 Bangi ku bo nnabagamba, emyaka nga esatu egiyise nti, "Nnamulaba nga adduka okutaasa obulamu bwe, n'agenda mu buliri. N'ayimusa emikono gye n'andaajanira, bw'atyo. Naye—naye nga ssisobola na kumutuukako. Nnagenda okulaba nga

afa. ŋŋenda okwetoolooza amaaso, nga waliwo ekintu, waaliwo essaawa ey'oku kisenge, nga eraga nti ziri wakati w'essaawa omunaana n'omwenda nga bukya."

7 Kati omulabirizi oyo kwe kugamba nti, "Kale, ka nnindirire ndabe bwe kinaatuukirira." Kale, ddala kyatuukiridde.

8 Mazima ddala tubasaasira. Mpulira nga ekkanisa yafiiriddwa omuntu ow'omugaso ennyo, bwe yafiiriddwa Mwannyinaffe Florence Shakarian. Naye, abadde muyimbi wa maanyi, abadde mukazi eyajjula Omwoyo.

9 Nnaliko ne maama we; maama we yali omu ku bantu be nnasooka okumanya okuva mu bitundu by'Olubalama olw'Ebugwanjuba, maama we bwe yawonyezebwa. Abasawo bwe. . . Yali mu kkoma, nga yenna azimbye. Era o—omusawo eyaliwo yaŋŋamba, nti, "Kati saba mu kasirise nnyo. Toyogerera waggulu nnyo. Omukazi afa."

Kko nze nti, "Kale, ssebo."

10 N'agamba, n'era, n'agenda mu maaso nga ankuutira. Naye, kati, ssaafuna na kakisa kwasamya kamwa kange, kubaako kye njogera.

11 Kale, yali Waaluganda Demos ye yaŋŋamba ŋŋende mu maaso mmulabeko.

12 Bwentyo, ne nnyambuka waggulu mu kizimbe. Era Florence yali afukamidde awo wansi, mu kiseera ekyo yali akyali kawala kato akalabika obulungi, nga ali wamu n'abakyala abalala. Ne ŋŋenda we yali ne mmusabira, ne ŋŋamba abaaliwo. Yali tannadda ngulu. Ne mmugamba nti yali wa kudda engulu awonyezebwe. Era yawona. Bwe waayitawo emyaka nga ebiri, n'afa. Kale kati Katonda ayanukula essaala zaffe.

13 Era tukimanyi nti, tukkiriza nti ffenna tujja wano kubanga Katonda aba ayagadde tujje, era tuvaawo nga ayagadde. Omu ku omu, fenna tujja kuyita mu mulyango ogwo. Era eyo y'ensonga lwaki tuli wano enkya ya leero, tukuŋŋaanye wamu mu Lukuŋŋaana luno olw'Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi, okwogera ku bintu bino, n'okubyetegekera, kubanga tukimanyi bulungi nti ddala birina okujja.

14 Kati Mwannyinaffe Florence mukazi muto, wa myaka ana mu ebiri, Ow'oluganda Williams yaakakiŋŋamba, kale muto nnyo. Naye bwe baali tebanna. . . obulwadde buno yali akimanyi nti abulina, kubanga, nnamulaba mu kwolesebwa, ne ntegeezebwa ekinaddirira ku bulamu bwe. Kale, kitegeeza. . . Katonda amanyi byonna ebikwata ku nsonga eyo, kwossa n'ekya mwannyinaffe okulaba Yesu mu kasenge bwe yali tannafa. Tetwagala kumusabira, kubanga ekyo tukikoze obutaweera. Wabula twagala kwebaza Katonda olw'obulamu obubadde mu makkati gaffe, obubadde eky'okulabirako gye tuli ffenna, obwa Mwannyinaffe Shakarian.

15 Era twagala tusabire Ow'oluganda Demos, ne Mwannyinaffe Rose. Era mujjukira, nga batuukiddwaako embeera enzibu ennyo mu bulamu bwabwe, mu biseera ebyakayita . . . okusooka yali kitaawe, ate kati mwannyina y'ali mu . . . mu myaka mitono egyakayita. [Waliwo ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Naye, era, weewaawo, tegiwera . . . tegiwera, myezi kkumi; ssaako, ne Mwannyinaffe—Mwannyinaffe Edna.

16 N'olwekyo, mmanyi bulungi embeera Ow'oluganda Demos gy'ayitamu. Nnafiirwa kitange, muganda wange, mukyala wange, n'omwana wange omuwere, mu nnaku bunaku, kale mma—mmanyi bw'awulira enkya ya leero. Embeera eyo erina kusooka kukutuukako, lw'oyinza okutegeera bw'olina okulumirirwa omuntu nga oyo. Era . . .

17 [Emizindaalo giwuuma—Omuk.] Ekyo nze nkikoze. Munsonyiwe. Waliwo akuuma ke nkoonyeeko wano eno, n'omukono gwange. Kale mbasaba—mbasaba munsonyiwe nkatumbudde, naye ssigenderedde kukikola.

18 Kale kaakano leka tuyimirire nga bwe . . . bwe muba musobola, bwe kiba . . . Leka tukoteke emitwe gyaffe.

19 Kitaffe ow'omu Ggulu, tukuŋŋaanye wano enkya ya leero okukusinza, n'okukwebaza n'okukutendereza, olw'okutusindikira Yesu Omununuzi waffe, tusobole okuba n'essuubi nga obulamu buno bukomye, nga bwe tulaba nti tetulina bukakafu bwonna nti tuli ba kubeera wano lubeerera. Era, Kitaffe, bwe tulaba embeera embi esobola okutuuka ku mibiri gino, tuli basanyufu okukimanya nti tetuli ba kubeera wano ebbanga lyonna. Watuteerawo ekkubo ery'obuddukiro, eriyita mu kiwonvu eky'okufa.

20 Era, Kitaffe, tukusiima enkya ya leero, olw'obulamu bw'oyo lumu eyali naffe wano, mu bbanga eritaweza mwaka gumu, nga ayimba amatendo Go, Mwannyinaffe Florence Shakarian, nga bwe twali tumuyita. Era Wali watutegeeza dda, emyaka mingi emabega, nti kino kyali kya kubaawo, kireme kuba kyekango kya maanyi gye tuli. Era tukimanyi nti Ggwe ky'oyogera gaba mazima. Era n'Ekigambo Kyo kigamba nti, "Omuntu azaalibwa omukazi, wa nnaku si nnyingi era ajjudde obuyinike." Ekyo, nakyo tumanyi nga kituufu, Mukama. Tumanyi nga fenna tulina okuyita mu kiwonvu ekyo. Na bwe kityo tukwebaza olw'obulamu bwe bw'atambuliddemu wano ku nsi. Nga tukkiriza olw'okukkiriza, nti kaakano, enkya ya leero, avudde mu mubiri guno ogw'ennaku, n'ayingira mu mubiri ogw'ekitiibwa ogutayinza kulwala. Era tujjukira ekitone kye eky'okuyimba, n'eddoboozi ly'abadde nalyo, n'omwoyo gwe ogubadde gujjudde ekisa ekitayogerekeka awamu ne Kristo! Kati singa agambibwa okukomawo enkya ya leero, tayinza kukkiriza kukikola; kubanga aba alina okuddamu okuyita mu bino byonna. So, nga kati, byonna bikomye, ali wamu ne nnyina

ne kitaawe. Baayise omwana waabwe adde eka. N'olwekyo, tu—tukwebaza.

21 Era twagala okusaba ekikubagizo, eri Ow'oluganda Shakarian, muganda waffe omwagalwa, nga bwe tumanyi o—obulamu bw'ayiseemu, n'okunyigirizibwa kw'ayitamu mu nnaku zino ezisembayo, n'embeera gy'alimu; nga tulaba nga agenda akaddiwa, n'enviiri ze zigenda zikendeera, n'ebibegabega bye bigenda bikootakoota, kyokka nga agezaako okusigala ku mulimu gwa Katonda nga aweereza. Ayi Katonda, muwe amaanyi leero. Tukusaba, ayi Katonda, Okikkirize. Ku lw'abo bonna abakoseddwa olw'okugenda kwa mwannyinaffe, tubasabira buli omu ku bo.

22 Era, Mukama, nga bwe tulowooza ku kino, leka tujjukire nti lumu naffe tuteekwa okugenda. Nga bwe tutudde wano mu Kubeerawo kwa Mukama waffe Yesu, tusaba Otujjukize kino nga ekyakabaawo mu birowoozo byaffe. Era leka twekebere, nga bwe tulina okuba, manyanga tukebere obulamu bwaffe bwe buyimiridde, kibeere nti tuli wansi w'Omusaayi era mu Kukkiriza. Kituwe, Mukama.

23 Kaakano nga bwe ngezaako okuyita mu mbeera eno okuleeta obubaka eri abantu, leero, nsaba onnyambe, Mukama. Mpa amanyi, kubanga nge—nge—ngeetaaga, Mukama. Era nsaba Okikole. Era leka wabeewo ekyogerwa ekinaakuweesa ekitiibwa. Era bwe wabaawo omuntu yenna wansi w'eddoboozi lyaffe enkya ya leero, atali mwetegefu kusisinkana kaseera akamwolekedde, kino ka kibeere ekiseera w'aneeweerayo gy'Ali Oyo eyagamba nti, "Nze Kkubo, Obulamu, n'Amazima," oyo Mukama waffe Yesu Kristo. Kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina. (Muyinza okutuula.)

24 [Waliwo omuntu ku kadaala ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Ow'oluganda ono ayagala kumanya oba buli muntu awulira bulungi ebyogerwa. Ataddeko obuzindaalo bubiri. Ekyo kikola bulungi? Muwulira? Muyimuse emikono gyammwe bwe muba muwulira. Muwulira? Muyimuse emikono gyammwe. Kale.

25 Mbasaba munsoyiwe kubanga tetulina kifo kigazi kimala we tusobola kutuuza buli omu enkya ya leero. Naye twesize nti ssijja kutwala bbanga ddene wano, wabula ob'olyawo tugenda kukozesaayo akaseera okusoma Ekigambo; nga ne Mukama Katonda anassa ekitiibwa mu Kigambo Kye ekinaaba kisomeddwa, n'atuwa ekisa Kye, ne kitusobozesa okumuweereza.

26 Kati Billy Paul antegeezezza, enkya ya leero, nti kiyinza okusoboka okuba nga tubuulira ku Ssande ejja mu kkanisa ya Grantway Assembly of God, mu Tucson. Bwe wabaawo omuntu yenna wano ava mu Tucson, nnyinza obutakulaba wiiki eno. Nja kubeera mu Grantway Assembly of God, ku Ssande ejja.

27 Kale twakakomawo okuva mu Buvanjuba, era kirabika nneewalirizza nnyo, ne ndya ekisukkiridde, kubanga abantu b'emmanga eyo ab'omu nsozi baatwaniriza n'ekisa kingi. Era—era kyanviiriddeko okulwala, kale mbadde sseewulira bulungi wiiki eno. N'olwekyo, mbasaba munsabire. Era . . .

28 [Waliwo agamba nti, "Bu oposaamu bwasusse obungi."—Omuk.] Ogambye ki? ["Bu oposaamu bwasusse obungi."] Ow'oluganda Carl William n'enjogera ye ey'ebisoko, era ndowooza enjogera bw'etyo tugyetaaga mu kaseera kano kennyni, agambye nti, "Bu oposaamu bwasusse obungi." Ku ekyo ssimanyi, Ow'oluganda Carl, naye bwo bukaamuje bwasusse obungi.

29 Kale bwe muba mwandyagadde okubaako ne gwe musabira enkya ya leero, lwaki nedda, essaala ezo ddala—ddala nzisiima singa muzinsabira, kubanga nze—nzeetaaga.

Kati twagala tugende butereevu mu Kigambo.

30 Era ssaagala kubalwisaawo nnyo wano, kubanga nzikiriza waliwo omukutu gw'essimu kwe tuyungiddwa ogubuna eggwanga lyonna, kwe tuli enkya ya leero, oguweereza okuviira ddala ku Lubalama olw'Ebugwanjuba okutuuka ku Lubalama olw'Ebuvanjuba, n'okuva mu Bukiikakkono okutuuka mu Bukiikaddyo. Amakuŋŋaaniro mangi nnyo ddala, agakozesa enkola eno era nga bwe mwagikozesa wano ku kkuŋŋaaniro. Ne mu Phoenix omukutu guno gye guli, era buli wamu wonna enkuŋŋaana we zibeera, guziweereza butereevu eri . . . Era bakuŋŋaanira mu makanisa ne mu maka, n'awalala bwe watyo, ne bawuliriza okuyita ku mukutu omulungi ennyo. Bagamba guweereza bulungi nnyo n'okusinga leediyo. Bakozesa ssimu okweyunga ku mukutu guno, ne bateeka omutwe gw'essimu y'okummeeza manyanga akazindaalo kaayo, oba kyonna kye bakozesa, ne batega mu kisenge okubuulira mwe kuba. Olwo ne ba . . . Mukyala wange yagambye, bwe yali ava mu Indiana wiiki ewedde, nga agenda e Tucson, nti baali bawulira bulungi ku mukutu ogwo nga bali nga abali mu kisenge kyennyini okubuulira mwe kwali. Kale tusaba Katonda awe omukisa abo bonna abali eyo abayungiddwa ku mukutu guno enkya ya leero, yonna gye bali. Erudda eri mu New York bo kati, eyo kati, kiseera kya lwaggulo, n'obudde obutali bumu nga bwe guweereza mu bitundu by'eggwanga ebirala.

31 Kati mu Kitabo ky'Abaruumi, essuula ey'e 12, ennyiriri olu 1 n'olw'oku 2, we—we twagala tusome Ekyawandiikibwa kino.

> *Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.*
>
> *So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe*

amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri ebirungi, era ebituukiridde. . . ebirungi, *Katonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituufu.*

32 Kati, nga Mukama akkirizza, omutwe gw'eky'okuyigako kyange enkya ya leero njagala kuguyita, nti: *Amaanyi ga Katonda Agakyusa.*

Muleme *okufaananyizibwa ng'emirembe gino: naye mube. . . mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya,* kati, era *mukemenga* ebyo *Katonda by'ayagala, ebirungi*, ebituukiridde, era ebikkirizibwa.

33 Kitundu kya byawandiikibwa abasinga obungi ku mmwe kye mumanyi era bangi ku basumba bammwe kye baali bakozesezza. Kizze kikozesebwa kasookedde Kiwandiikibwa. Naye kati, eky'enjawulo ekiri ku Kigambo kya Katonda, Tekikaddiwa, kubanga Kyo ye Katonda. Tekikaddiwa. Okuyita mu buli mulembe, kyenkana, kati emyaka enkumi bbiri mu lunaana, n'omusobyo, Ekigambo kya Katonda kino kizze kisomebwa abantu ab'enjawulo, bakabona, n'abalala aba buli ngeri, naye Tekikaddiwa. Nange kennyini, mbadde nkisoma, okumala kati emyaka nga asatu mu etaano. Naye buli lwe nkisoma, nsangamu ekintu ekipya kye nnabuusa amaaso omulundi ogwayita lwe nnakisoma. Kubanga, Kyaluŋŋamizibwa, Ekigambo kino ye Katonda mu buwandiike. Mukiraba, Ekigambo bwe busobozi bwa Katonda nga bwogera, ne buwandiikibwa ku lupapula.

34 Emirundi mingi, abantu bagamba nti, "Naye, kati, Bayibuli eno yawandiikibwa bantu." Nedda. Bayibuli egamba, Yo yennyini, nti Katonda ye yawandiika Bayibuli. Bayibuli kye Kigambo kya Katonda.

35 Era Tekisobola kulemwa n'akatono. Yesu yagamba nti, "Eggulu n'ensi biriremwa, biriggwaawo, naye Ebigambo Byange tebiriremererwa." Kale Tekisobola kulemwa, nga bwe kiri nti kyo ye Katonda, kubanga Kiri kitundu ku Ye.

36 Naawe bw'oli mutabani We naawe nga oli muwala we, kitegeeza oli kitundu ku Kigambo, era ekyo kikufuula kitundu ku Katonda. Kale eyo y'ensonga lwaki tujja okussa ekimu ku Kigambo kya Katonda.

37 Kaakati ekigambo kino *okukyusibwa,* nnakinoonyezza mu nkuluze, jjo. Kyenkana, obudde bwe mbadde nnina okutuukirako wano kabuze kata bumpiteko, bwe mbadde nnoonya eky'okuyigirizaako, ne nzuula ekigambo kino, manyanga ekitundu kino, kiyite, Ekyawandiikibwa. Kati mu nkuluze egamba nti kibeera "kintu ekikyusiddwa." Kitegeeza "okukyusibwa." *Okukyusibwa,* "okufuulibwa ekintu eky'enjawulo ku kye kibadde, kibeera. . . embala yaakyo na buli kimu ekikirimu bibeera bikyusiddwa," *okukyuusa.*

38 N'ekirala enkya ya leero nnalowoozezza, ku Lubereberye 1. Ensi eno yali njereere, nga yonna yeetabuddetabudde, nga kizikiza kye kijjudde ku ngulu ku nsi; nga tewali kirala kyonna wabula akavuyo akeereere. Kati ensi eno bwe yali mu mbeera eyo, Omwoyo gwa Katonda ne gumaamira ku ngulu ku mazzi, era ekifaananyi kyonna ne kikyusibwa; okuva mu kubeera akavuyo akeereere, ne lufuuka olusuku Adeni. Ago ge maanyi ga Katonda agakyuusa, agasobola okukwata ekintu ekitalina kye kiri ne gakikolamu ekintu ekirungi ennyo. Amaanyi ga Katonda agakyuusa!

39 Era tukitegeera, okuyita mu kusoma Ebyawandiikibwa, nti Katonda yamala kakaaga—kyamutwalira emyaka kakaaga nga ateekateeka Adeni eno. Kale, Ayinza okuba nga teyatwala bbanga eryo lyonna; naye tuteebereza, nga tusinziira mu Byawandiikibwa we bigamba nti "olunaku lumu eri Katonda, gy'emyaka lukumi ku nsi," singa kibeera nti, Katonda abala ebiseera. Ne tugamba nti kyamutwalira emyaka kakaaga okutonda ensi, era Yagisimbako buli nsigo ennungi. Buli kimu kyali tekiriiko kamogo.

40 Ndowooza, emirundi mingi, n'abakolokosi bwe batandika okusoma Ekitabo ky'Olubereberye, batandika okukikolokota, kubanga kirabika nga buli kaseera ekiba kyeddiŋŋana, oba ekyogera ku kino na kiri.

41 Naye ssinga tusooka ne twetegereza okumala akaseera, nga tetunnayingira mu kyakuyigako kyaffe, nti, Musa yalaba okwolesebwa. Era Katonda n'ayogera naye. Katonda yayogera ne Musa maaso ku maaso, mumwa ku kutu. Kati, teyayogerako na muntu mulala yenna bw'atyo, nga bwe yayogera ne Musa. Kati, Musa yali mukulu nnyo, yali omu ku bannabbi abakulu ennyo. Yali kifaananyi kya Kristo. Era kati Katonda asobola okwogera, Alina eddoboozi. Lyali liwuliddwako. Katonda asobola okwogera.

42 Era Katonda asobola okuwandiika. Amateeka ekkumi Katonda yagawandiika na ngalo Ye. Lumu yawandiika ku bisenge bya—bya Babulooni, n'engalo Ye. Lumu Yakutama wansi n'awandiika mu musenyu, n'engalo Ye. Katonda asobola okwogera. Katonda asobola okusoma. Katonda asobola okuwandiika.

43 Katonda ye Nsulo y'ekisa kyonna n'Amaanyi, n'amagezi gonna ag'Obwakatonda, byonna biri mu Katonda. Kati n'olwekyo, tukitegeera nti, Ye yekka ye Mutonzi. Tewali mutonzi mulala yenna okuggyako Katonda. Ssetaani tasobola kutonda, wadde n'akatono, akyamya bukyamya ekyo ekyatondebwa. Naye Katonda ye Mutonzi yekka.

44 N'olwekyo, Yatonda nga akozesa Ekigambo Kye. Yatuma Ekigambo Kye. Na bwe kityo ensigo zonna ze Yali yateeka ku nsi, ensigo ezo Yazikola akozesa Kigambo Kye, kubanga

tewaaliwo kintu kirala kyonna kyali kiyinza kuvaamu nsigo. Yali yaziteekawo, era zaali wansi w'amazzi. Yagamba bugambi nti, "Leka wabeewo *kino*, leka wabeewo *kiri*."

45 Kati tukizuula nti, emirundi mingi, kirabika nga Bayibuli eyeddiŋŋana manya eyogera ekintu ky'etateegeeza. Okugeza, mu Lubereberye 1 tulaba nga wagamba nti, "Katonda yatonda omuntu mu kifaananyi Kye Ye, mu kifaananyi kya Katonda mwe Yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda." N'ava awo n'Agenda mu maaso, ne wabaawo ebintu bingi ebibaawo ku nsi.

46 Ate tugenda okulaba nti, ate tewaaliwo muntu wa kulima nsi. "Ate awo Katonda n'atonda omuntu okuva mu nfuufu y'ensi." Oyo yali muntu wa njawulo. "Era n'Amufuuwamu omukka ogw'obulamu, n'afuuka emmeeme ennamu."

47 Omuntu eyasooka yali mu kifaananyi kya Katonda, nga gwe Mwoyo. Yokaana 4, wagamba nti, "Katonda Mwoyo, n'abo abamusinza kibagwanira okumusinziza mu Mwoyo ne mu Mazima." Naye Katonda Mwoyo. Era omuntu eyasooka, gwe Yatonda, yali muntu ali mu kikula eky'omwoyo, era yali mu mu kifaananyi ne mu ngeri ya Katonda.

48 Oluvannyuma omuntu oyo Yamuteeka mu mubiri, era omuntu n'agwa. Katonda kye yava ajja ku nsi n'ayambala ekifaananyi ky'omuntu, Asobole okununula omuntu oyo eyagwa. Ago ge mawulire gennyini ag'Enjiri, nze—nze nga bwe ndaba.

49 Kati, Katonda, mu myaka kakaaga, yali asimbye ensigo zino zonna ennungi okukamala, manya Yayogera Ekigambo Kye. "Kigenda kuba *bwe kiti*. Wagenda kubaawo omuti *guno*. Wabeewo na *kino*." Nga buli kimu tekiriiko kamogo yadde. Nga birungi okuzaama. Bwe Yava awo n'alagira buli emu ku nsigo ezo ky'erina okuba, n'aziragira zikyusibwe buli emu ku zo efuuke ekimera ekirina obulamu obw'engeri eyo Ekigambo kya Katonda bwe kyayogera bwe zirina okuba nabwo. Bwe gwabanga omuvule, gwalina okuvaamu omuvule. bwe lwabanga olukindukindu, lwalina okuvaamu olukindukindu.

50 Kubanga, Omutonzi ow'ekitalo yali amaze okutuma Ekigambo Kye, ate nga Ekigambo ensigo kyo kyaliwo nga ensigo yennyini tennaba kutondebwa. Era Ekigambo kye kyatonda ensigo. Mukiraba, "Ensi Yagikola kuva mu bintu ebitalabika." Okiraba, Ensi Ya—yagikola akozesa Kigambo Kye. Katonda buli kimu yakyogera bwogezi ne kibaawo.

51 Era nga bwe kiri nti Katonda, Omutonzi, ebintu byonna ye yabyogera ne bibaawo, eteekwa okuba yali nsi etaliiko kamogo yadde. Kyali ki—kifo ekirungi. Lwali lu—lusuku ddala olw'okwesiima wano ku nsi.

52 Kaakati, nga, buli kifo bwe kibeera n'ekitebe ekikulu awantu awamu. Olukuŋŋaana luno lulina ekitebe ekikulu, n'ettabi lino lirina ekitebe ekikulu, n'ekkanisa erina ekitebe ekikulu. Ne Katonda alina ekitebe ekikulu. N'ekifo kino

eky'ekitalo, eggwanga lino mwe tubeera, nalyo lirina ekitebe ekikulu. Kale ne Adeni eno ey'ettendo nayo yalina ekitebe ekikulu, era ekitebe kyayo ekikulu kyali mu lusuku Adeni, manyanga mu Adeni, mu buvanjuba bw'olusuku.

53 Era Katonda, yateekawo mutabani We n'omugole wa mutabani We, Adamu ne Kaawa, bafuge obutonde Bwe bwonna obw'ekitalo wano ku nsi.

54 Katonda ye yali Kitaawe wa Adamu. "Adamu yali . . . mwana wa Katonda," okusinziira ku Byawandiikibwa. Ye yali omwana wa Katonda.

55 Era Katonda yamukolera omubeezi, okuva mu mubiri gwe mwennyini; oba oli awo mu lubiriizi waggulu w'omutima gwe, asobole okumwagala ennyo, bw'atyo n'amukolera omubeezi. Mu kaseera ako Yali tannafuuka mukyala we, nga n'omusajja bwe yali tannafuuka bba; Yali yaakamala okukyogera. Era awo we waava akabaate, Ssetaani yasisinkana omukazi nga Adamu tannamusisinkana. Kale, kiri kyali Kigambo Kye kye yali ayogedde.

56 Ekyo leka nkikomye awo, ssaagala kukimalako budde bungi. Naye abamu ku mmwe muyinza okutabulwatabulwa, naddala abamu ku bantu abava mu—mu Maserengeta, kino kirabika nga kibatabulamukko, eky'Obubaka bwe nnina okuva eri Katonda eri ekiseera kino, eri abantu, obukwata ku zzadde ly'omusota. Era ŋŋenda kuddayo eka, mu Jeffersonville, olumu ku nnaku zino, Mukama nga ayagadde. Njagala mbuulire obubaka bwa ssaawa nga mukaaga, nsobole okukinnyonnyola obulungi, mukiraba, kirambikibwe mu ngeri gye munaasobola okutegeera kiki kye twogerako. Era kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kituufu ddala nga bwe Kyalaba Mwannyinaffe Florence bwe yali tannafa, emyaka mingi nga tekinnabaawo. Mukiraba, Ge Mazima. Era kati, tu . . . oba oli awo kitegeerwa kifuulannenge.

57 Ne bwe mba nze omuntu n'ajja gyendi, n'ekintu ekyawukana ne kye mmanyi, nange kennyini, nnyinza okukitegeera ekifuulannenge. Ssandyagadde kukolokota muntu yenna ky'ayogera. Tetulina kukolokota bannaffe. Ogwo tegunsinga; nneebaza Mukama. Nkolokota kibi na butakkiriza; naye sikolokota muntu ssekinnoomu, mukiraba, si—sikikola. Tuli—tuli baami n'abakyala ab'oluganda, tufuba, tugenda eyo Mwannyinaffe Florence gye yagenze jjo ku makya, mukiraba. Ya . . . Eryo ly'ekkubo ffe—ffenna lye tulina okukwata. Kale si kigendererwa kyange oku—okugezaako okubaako ow'oluganda yenna oba mwannyinaffe gwe nkolokota atakkiriziganya naawe. Nedda, ekyo kikafuuwe nze okukikola! Ssirowooza nga waliwo olutambi lwonna lw'osobola okusanga nga nnayatuukiriza erinnya ly'omuntu yenna. Newankubadde, nga emirundi mingi mpulira nga ddala omuntu oyo aba mukyamu, naye ekyo kiri

wakati we ne Katonda. Naye ekikyamu, mu ngeri y'ekibi n'e. . . Ate obutategeeragana emirundi egimu tekiba na kibi, buba butategeeragana wakati w'abantu ab'enjawulo. Era ndo—ndowooza nti buli omu ku ffe alina eddembe okulambika ekintu nga bw'akitegeera.

58 Kati Omutonzi ono ow'ekitalo yali ataddewo omwana We gwe yatonda. Kati, Adamu ye mwana We gwe yasooka okutonda. Yesu ye Mwana We *eyazaalibwa* omu yekka, mukiraba, yazaalibwa mukazi. Naye Adamu yava butereevu mu mukono gwa Katonda, mu kutondebwa.

59 Kaakati ekitebe ekikulu, nga kifugibwa omwana We—We n'omugole w'omwana We, kyali kirabika bulungi nnyo. Waaliwo o—omusajja, nga afuga buli kimu kyonna, omwana We Yennyini wamu n'omugole we.

60 Era buli nsigo zaali mu mbeera etuukiridde, enkindukindu, n'emivule, n'omuddo, n'ebinyonyi, n'ensolo. Era buli kimu kyonna kyali mu butebenkevu obutuukiridde nga bigoberera Etteeka lya Katonda erigamba nti, "Tokyusa butonde bwo. Leka buli nsigo yeezaale, buli nsigo! Ggwe omuvule, tokyamizibwanga n'okufuuka omupaapaali." Mukiraba? "Ggwe olukindukindu tokyamizibwanga n'ofuuka ekirala ky'otali. Naye leka buli nsigo yeezaale!" Era Yali—Yali abyetegerezza bulijjo okumala ekiseera.

61 Era Yali yayogera Ekigambo. Era Amaanyi Ge ag'ekitalo agatonda gaali gatonze ebintu bino ebyaliwo, ne gatonda n'omusajja wamu n'omukazi. Era omusajja ono n'omukazi bino byonna be baali babifuga kubanga be baali. . . baali basukkulumye ku luse olulala lwonna. Era nabo n'Abateeka wansi w'obukuumi bwe bumu we Yateeka emiti, ensolo, n'ebirala: Ekigaambo Kye. Nga tebateekwa, kumenya Kigambo ekyo, kakibe kiki. Bateekwa kusigala Awo. "Ekigambo kino togezanga okukitoolako ekintu kyonna, oba okukyongerako ekintu kyonna! Oteekwa kutambulira ku Kigambo kino."

62 Era singa obutonde obwo bwasigala mu mbeera eyo, Mwannyinaffe Shakarian yandibadde teyagenze amakya ga leero, ssinga byonna byasigala mu mbeera eyo, mu ttwale lya Katonda ery'ekitalo! Embeera eyo gye tukkiriza nti gye twolekedde. Tuddayo mu mbeera eyo, mu kifo ekyo.

63 Ku makya ago ag'olunaku olw'omusanvu, Katonda bwe yabitunulako byonna, n'Agamba nti, "Birungi. Bi—Binsanyusizza. Weewaawo, Ndi—Ndi—Ndi musanyufu kuba Mbikoze. Era kati byonna birina abifuga. Era ntadde obwesige mu mwana Wange ne mukyala we, ba—babeere (mbataddewo okuba nga babifuga), babirabirire era bakakase nga biba bulungi, buli kimu kyezaale. Kati ekyo alina obuyinza okukikola." Katonda bwe yamala okukola ekyo n'agamba nti, "Kaakano, nga byonna bwe biri ebirungi, era nga tebiyinza

kuba kirala kyonna, kubanga biri nga bwe Mbyagala bibeere. Bwentyo bwe Njagala bibeere. Era bwentyo bwe Mbyogedde ne biba, era Ebigambo Byange bibitonze mu ngeri yennyini nga bwe Mbyagala. Era biibyo. Byonna birungi!" Kati Bayibuli egamba nti, "Katonda n'awummula ku lunaku olw'omusanvu, okuva mu mirimu Gye gyonna."

64 Kati byonna birina abifuga, buli kimu okusobola okwezaala. Kati mujjukire, "okwezaala." Bwe Yateeka ensigo mu ttaka, ensigo okusobola okumeruka ekikola ku bw'amaanyi ag'obulamu agagirimu, ge gagikyusa okuva mu kubeera ensigo n'efuuka ekimera, oba kyonna kye yali. Amaanyi Ge agakyusa! Kati, Katonda yateeka ensigo mu ttaka, nga mu yo mulimu obusobozi obunaagisobozesa okufuuka ekyo kye Yagamba ky'enaabeera. Era ensigo eyo kasita yasigala mu mbeera yaayo entuufu, yafuukanga ekyo kyennyini Katonda kye yagamba nti ky'eribeera. Yali erina kubeera bw'etyo, kubanga bw'atyo bwe Yali yagikola, era n'assaawo n'omukutu. Nti, buli kintu kyonna ekisigala mu mukutu Gwe, mu ntegeka Ye ey'Ekigambo, kiteekwa okuzaala ekyo kyennyini Ekigambo Kye kye ky'agamba kye kirina okuzaala. Tekiyinza kukyawukanako. Ogwo gwe mukutu mwe kyateekebwa. Bw'atyo, nga atadde obwesige mu mwana We okuba n'obuvunaanyizibwa ku buli kimu kyonna, nga yeesize nti byonna bwe bityo bwe binaatambula, Katonda kye yava agamba nti, "Kati byonna biri bulungi, kaakano ka Mpummule. Era buli emu ku nsigo ezo mu yo erimu amaanyi, okwekyusa efuuke ekika ky'ensigo kye Njagala ebeere. Ekyo ky'eteekwa okufuuka, kubanga buli nsigo Ngiwadde amaanyi agakyusa, okwezaala, mu busobozi bwayo obugirimu okufuukamu ekyo kyennyini kye Njagala ebeere."

65 Katonda takyukanga. Akyali y'omu ne leero nga bwe Yali luli! Katonda amaliridde okubaako ne ky'akola. Ajja kukikola. Tewali kigenda kumuziyiza. Ajja kukikola!

66 Kaakati nga byonna biri bulungi era nga birambikiddwa nga bwe birina okuba, Katonda yawulira nga ddala kati buli kimu kijja kuba bulungi, naye, bwe Yawulira bw'atyo, ate ne zireeta omulabe. ŋŋenda ku . . . Katonda yawa amaanyi okukyusa. Naye kati omuntu ono ŋŋenda kumuyita, alina amaanyi nga si— si ga kuddamu kutonda, naye ŋŋenda . . . Ye yalina amaanyi agaziŋŋamya, si kukyusa; wabula kuziŋŋamya. Kati, ekintu kyonna ekiba kiziŋŋamiziddwa kiba kiggyiddwa mu mbeera yaakyo ey'olubereberye, kiba kiziŋŋamye.

67 Edda ennyo emyaka nga giigyo egiyise, nnali nkola omulimu ogw'okulawuna, nga mpitaaayita mu ssamba ya kasooli, nzijukira, waaliwo ettabi eryali lyawogoka ku muti, ne ligwa ku kikolo kya kasooli. Nga ekikolo kya kasooli kigezaako nga bwe kisobola okugolokoka kyesimbe nga bwe kirina okuba, naye kyali kyakyaama kubanga waaliwo ekyali kikituuseeko. Nga ettabi ly'omuti likyebakidde.

68 Kati ate waliwo ne kalandalugo mu nnimiro. Nga, bangi ku mmwe abasajja abali wano, oba oli awo n'abamu ku mmwe abakazi . . . bw'oba ova mu Kentucky. Eyo abakazi bakwata enkumbi nga abasajja bwe bagikwata, ne bagenda mu nnimiro nga—nga balina enkumbi, zino ez'olusingosingo, ne batemaatema ka—kalandalugo oyo ne bamukutulayo. Kubanga, kalandalugo oyo bw'otamukutulayo, mu kasooli ali mu nnyiriri, *bw'ati,* kalandalugo oyo aba ajja kukunuukiriza, alandire ku kasooli oyo, amwezingirireko, mpolampola, mu ngeri ey'olukujjukujju, nga si kyangu na kumanya nti amwezingirirako. Oluvannyuma agenda yeeyongera okwenywereza ddala, n'amyumyula kasooli oyo okutuusa lw'aziŋŋama. Kalandalugo oyo asika kasooli oyo nga bw'amuzza gy'ali, n'amwezingirirako; n'amugongobaza okuva ku ekyo ky'abadde, n'amufuula ekintu ekirala. Weewaawo asigala kasooli, naye nga kati kasooli aziŋŋamye.

69 Kati naffe ffenna tukyali mu kifaananyi kya Katonda. Naye waliwo abamu abaziŋŋamiziddwa ekitagambika, newankubadde nga baana ba Katonda, abatatambula nga Ekigambo Kye bwe kigamba era nga ekkubo lye—lye Yatuwa era lye yatuteerawo okutambuliramu. Nga babaako ne kye bassaawo, ensi n'etuwugula n'etujja mu kkubo, n'etusika nga etuzza ewaayo, nga etujja ku kakubo ako akagolokofu, akafunda, mwe Yatusimba, okubeera abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Ekibi kikoze ekintu kino ekibi eri abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala.

70 Oyo aziŋŋamya! Kino mmanyi tekiwulikika bulungi nze okukyogera mu ngeri eno nti, "o—okuziŋŋamya," naye ekyo kye yali; yaziŋŋamya oba yakyamya. *Okukyamya* kitegeeza "okukyusa ekintu, ne kifuuka ekintu eky'enjawulo ku kye kibadde." Era *n'okuziŋŋamya* kitegeeza ekintu kye kimu, okuba nti kikyusiddwa ne kiziŋŋamizibwa, "ne kikolebwa mu ngeri endala." Weewaawo esigala ekyali nsigo y'emu, naye ebeera eziŋŋamiziddwa.

71 Kati tukiraba nti n'ono aziŋŋamya naye abadde n'obudde bwe bumu, okuziŋŋamya, nga ne Katonda bwe yalina okukyusa. Kati yasiga ensigo ye, manyanga, teyasiga nsigo ye, ya . . . mu lusuku Adeni. Era okuva mu kiseera ekyo, abadde n'emyaka kakaaga egy'okuziŋŋamya Ensigo ya Katonda, Ekigambo kya Katonda; okukiziŋŋamya, okukifuula kye Kitali; bwe ya . . . okuva omulundi ogwasooka Kaawa lwe yamuwuliriza, n'afunayo akagambo kamu.

72 Mujjukire nti, Ekyawandikibwa ekyo mu kusooka Ssetaani yakinokola bulungi ddala nga bwe kirina okuba n'amugamba nti, "Bw'atyo bwe yayogera Katonda nti, 'Temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku Adeni'?" Olaba? "Temulyanga ku miti gyonna?"

73 Era kati mujjukire nti, Kaawa yaddamu nti, "Weewaawo, tusobola okulya ku buli muti gwonna; okuggyako omuti oguli wakati mu lusuku, ogwo tetukkirizibwa yadde okugukwatako." Kati mumwekkaanye, mu bubaka bwe, bw'anyoolamu katono mu Kigambo ekyo. Nga agamba . . . Kaawa yagamba nti, "Kubanga Katonda yagamba, nti, kino lwe tulikikola, ku olwo lwe 'tulifa.'"

74 Ssetaani n'amugamba nti, "Ha, okufa temulifa." Mukiraba, yali mu—muntu, yamugamba nti, "Kati mu—mu—mukole bwe muti. Kati, muli—muli—muli bantu abatalina kye mumanyi. Mazima, ddala, ebintu byonna temubimanyi. Naye bwe munaagulyako, mbakakasa mujja kufuna amagezi, mujja kufuna okutegeera. Mujja kusobola okwawula ekirungi ku kibi era mujja kuba nga bakatonda, mmwe, singa munaalya ku magezi gano ge nnina. Nze nkimanyi, naye mmwe temukimanyi."

75 Kati, kirungi okuba n'amagezi. Naye amagezi ago bwe gaba gakontana, amagezi ago bwe gatabeera magezi amatuufu agava eri Katonda, bwe gatabeera magezi ga Bwakatonda, wabula nga magezi ga buntu, sifaayo oba tulina ssaayansi eyenkana wa, na biki byonna, oba obuyigirize, byonna bya ssetaani. Ekyo nja kukibakakasa, Mukama nga ayagadde, mu ddakiika ntono nnyo. Byonna bya ssetaani.

76 Enkyukakyuka y'obungunjufu ya setaani. Ekyo nnakamala okukibuulirako. Obuwangwa bwonna obuli mu nsi, amaanyi gonna aga ssaayansi, na buli kimu, byonna bya ssetaani. Y'enjiri ye ey'okumanya, gye yabuulira, mu lusuku Adeni. Era kati akutte okumanya okwo, okumanya okwakyamizibwa, okukontana n'Ekigambo wamu n'ekyo Katonda ky'ayagala n'enteekateeka ye. Era kati amaze emyaka kakaaga nga akola ekyo kyennyini Katonda kye yakola, wabula nga akikola mu ngeri ekyamiziddwa, era akozesezza ekiseera kye kimu okusimbawo Adeni eyiye. Kaakano alina Adeni wano ku nsi, era ejjudde amagezi n'okumanya. Eyo y'eyali enjiri ye gye yabuulira ku lubereberye, okumanya, amagezi, ssaayansi. Eby'engeri eyo tebibangako nsonga eri Katonda. Kati kino nja—njagala musooke mukyekkaanye. Kino yakikola, era kubanga yali muntu wa magezi ga nsi.

77 Kati, kino kizibu okukyogera. Ki—kizibu nnyo, kubanga njogera eri abantu abawulira nga nange bwe mpulira, era abawulira mu ngeri y'emu nga bwe mbadde mpulira okumala emyaka n'emyaka. Naye okuva Obubonero obwo Omusanvu lwe bwabikkulwa, obwa Bamalayika abo erudda eri emabega w'olusozi, *Kino* kyafuuka Kitabo kipya. Bintu ebyali byakwekebwa, nga kaakano bibikkulwa nga Katonda bwe yasuubiza mu Kubikkulirwa 10, nti Alibibikkula. Era ffe bantu abalina omukisa Katonda be yeeroboza, ku nsi, tusobole okulaba era tutegeere ebintu bino; nga si nfumo bufumo, ezaagunjibwa endowooza ey'omuntu omu ey'omubiri

ze yagezaako okuyiiya. Wabula kye Kigambo kya Katonda ekirabisiddwa, ekikakasiddwa, nti Kituufu. Ekitakakasiddwa, ssaayansi, wabula ekikakasiddwa Katonda, nti Kituufu. Katonda, nga bwe nnayogera lumu mu bubaka obumu, nti Katonda teyeetaaga muntu yenna kuvvuunula Kigambo Kye. Ye yennyini Ye Yevvuunulira Ebibye. Agamba nti kijja kubaawo, era ne kibaawo. Awo abeera, A—Akikakasa, ekyo kye kikivvuunula.

78 Emyaka mitono egiyise, ffe abapentekoote, ab'amakanisa gali a—amalala baatugamba nga bwe tuli "abalalu," twali "tetuyinza, nti Omwoyo Omutukuvu yali wa mu biseera ebyayita." Naye twakizuula nti ekisuubizo kya Katonda kyali eri oyo yenna ayagala, era kati ekituufu tukimanyi. Mukiraba, ate nga ekyo kye kitonotono, ekintu kino kye kibikkudde.

79 Era kati Yasuubiza nti ebyama ebyali byakwekebwa mu mirembe gy'ekkanisa, egyo gyonna, biribikkulwa mu kiseera eky'enkomerero. Era kaakano Abitutegeeza. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Kaakano tukituuseemu.

80 Kati, Ssetaani ye mutandisi w'enkyukaakyuka mu bugunjufu. Ye mutandisi wa ssaayansi. Ye mutandisi w'obuyigirize.

Oyinza okumbuuza nti, "Okakasa ekyo bwe kiri?"

81 Kale, kati leka tusome mu Kigambo kya Katonda, Olubereberye 4, naye leka tuddeyokko katono emabega tulabe. Mmanyi nnyinza . . . singa nnaalwaawo nnyo, ndowooza Ow'oluganda Carl anantegeeza. Naye, Olubereberye, essuula ey'o 4, n'olunyiriri olw'e 16, wagenda mu maaso ne watutegeeza, mu lubereberye, Katonda kye yakola, okusobola okuteeka ekikolimu ku musajja n'omukazi, na byonna bye baali ab'okukola; bo n'atabateekako *kikolimo*, naye n'abagamba ebinaabaawo, n'akolimira n'ensi ku lwa Adamu. Era tukiraba wano eno, nti Kaawa yalina abalongo. Era omu ku balongo abo yali wa Ssetaani, nga omulala wa Katonda.

Kati oyinza okuŋŋamba nti, "Uh-oh! Nedda. Kati, Ow'oluganda Branham!"

82 Sooka olindeko. Mpaayo Ekyawandiikibwa kimu, awantu wonna, ekigamba nti Kayini yali mutabani wa Adamu. Nange nnaakulaga mu Byawandiikibwa Ekigamba nti, "Kayini yali w'oyo omubi," so si wa Adamu.

83 Kati weetegereze wano bwe yafuna olubuto. Tutandikire ku ssuula ey'oku 4, okusooka.

> *Adamu n'amanya . . . mukazi we; n'abeera olubuto, n'azaala Kayini, n'ayogera nti, Mpeereddwa . . .* kati omukazi y'ayogera, *Mpeereddwa omusajja eri* MUKAMA.

84 Weewaawo, ekyo bwe kyalina okuba. Ne bwe yandibadde malaaya oba bwe yandibadde ekirala kyonna, aba alina kuva

eri Katonda, mukiraba, kubanga eyo nsigo Ye, eryo tteeka lya nsigo Ye, eteekwa okwezaala oba nsigo ennyonoonefu, oba nsigo eyakyamizibwa, oba kyonna kye kiri. Mu buli ngeri, eteekwa okwezaala. Ekyo kiragiro Kye.

Era nate n'azaala muganda we Abeeri.

85 Teyaddamu kumumanya. Adamu yamanya mukazi we, n'azaala Kayini n'azaala ne Abeeri, nga balongo. Ssetaani yali naye ku olwo ku makya, Adamu n'aba naye olw'eggulo.

86 Mulaba wano okusika omuguwa okuli mu mpapula z'amawulire, nzikiriza, mu Tucson kaakati, okw'omukyala oyo eyazaala omwana omuddugavu n'omuzungu, mu kiseera kye kimu. Yabeera ne bba ku olwo ku makya, ate n'abeera n'omusajja omulala olw'eggulo. Era omusajja nga alina okulabirira . . . omusajja omuzungu yagamba nti agenda kulabirira omwana we, naye n'omusajja omuddugavu alina okulabirira owuwe. Mukiraba? Ekyo nkimanyi, kisobokera ddala mu kuwakisa embwa n'ebirala, kisobokera ddala, bwe kibaawo nga waakayitawo essaawa ntono. Kino kikikakasa.

87 Kaakati okubalaga enkyukakyuka mu bugunjufu gye yava, kati leka tuddemu tusome Olubereberye wano eno, mu ssuula ey'o 4 ey'Olubereberye, tulabe wa gye yava. Olunyiriri olw'e 16.

> *Kayini n'ava mu maaso ga* Katonda, *n'atuula mu nsi ya Enodi, ku* luuyi *olw'ebugwanjuba olwa Adeni.*
>
> *Kayini n'amanya mukazi we; n'abeera olubuto, n'azaala Enoka: n'azimba ekibuga, n'akituuma Enoka ng'erinnya . . . ly'omwana we.*

88 Enkyukaakyuka y'obugunjufu n'etandika. Dokita Scofield, wano mu Bayibuli yange eyasengekebwa Scofield, wagamba nti, "Enkyukaakyuka y'obugunjufu eyasooka." Mwekkaanye, bw'atyo n'azaala abaana ab'obulenzi, ne bakola ebivuga wamu n'okuyimba. N'eyaddako n'azaala abaana ab'obulenzi, naye n'atandika okukola ebintu ebirala, ebyewuunyisa, n'azimba ebibuga, n'a—n'akola ebikozesebwa eby'ekikomo, n'ebintu ebya buli ngeri. Mukiraba, ebyo bye yakola, era y'enkyukakyuka mu bugunjufu eyasookera ddala, yasibuka mu Kayini. Azze akola ekintu kye kimu okuyita mu mirembe gyonna.

89 Kati leka tugende ku lunyiriri olw'a 25, tulabe ekyaddirira.

> *Adamu n'amanya nate mukazi we,* kati, *n'azaala omwana ow'obulenzi, n'amutuuma erinnya lye Seezi: N'agamba nti, kubanga Katonda, yandagiririra ezzadde eddala okudda mu kifo kya Abeeri kubanga* oyo *Kayini yamutta.*
>
> *Ne* Seezi . . . *Seezi naye n'azaala omwana ow'obulenzi; n'amutuuma erinnya lye Enosi:* era *mu biro ebyo mwe baasookera okusabanga erinnya lya* MUKAMA (okuva ku ludda lwa Seezi, so si ludda lwa Kayini).

90 Mukiraba, amagezi ago ag'ekitalo ag'obwongo ffenna kwe twekwata okukamala! Obwanaakalyak'ani kiki kye buli leero, katonda waabwe kye kiki? Ge magezi ag'obwongo, ye ssaayansi. Ye, kiki kye tukola? Tuli ludda wa? Mulowooze ku bigambo bino olwa leero.

91 Kati alina Adeni eyiye, Ssetaani we twogerera agirina. Mu myaka gino akakaaga, akoze (si nti atonze), naye, ayonoonye ensi ya Katonda yonna, ebitonde Bye, ensolo, okubitabikatabika, n'okubifuula maleeto; emiti, ebimera, abantu; nga kw'otadde n'eddiini, Bayibuli, ekkanisa; okutuusa lwe yeefunidde olusuku olwa Adeni, olujjudde ssaayansi, nga buli kintu kitambulira ku ssaayansi. Ebidduka mwe tutambulira, na buli kimu kye tulina, omuntu by'akoze, byonna ssaayansi ye yabituwa. Era alina Adeni ye ey'ekitalo wano; okukakasa nti ze ntuuko z'Obubaka zennyini, okukakasa nti si mulembe mulala wabula Kubikkulirwa 10! Mulabe okugattika kw'ebintu eby'enjawulo okuliwo leero, okugezaako okukola ekisingako obulungi, manya, ekisingako okulabika obulungi, so si ekisinga obulungi. Mulabe abaana abato ab'ensangi zino.

92 Eggulo, nnatutte muwala wange ew'omusawo w'amannyo, n'agamba nti amannyo ge gaagerekera. N'ow'oluganda emmanga eri mu Tucson, Ow'oluganda Norman, ne kawala ke, amannyo gaako geeweeka ku gannaago. Omusawo w'amannyo n'agamba nti mangu ddala, akkiriza nti, gye bujja mu maaso, abantu bajja kuzaalibwanga, nga amannyo gamala gakula mu ngeri yonna. Kiva ku mmere gye tulya, emmere ennongoosereze.

93 Mwasoma akatabo ka *Reader's Digest*, ak'omwezi oguwedde, akaawandiika ku Billy Graham, omubuulizi w'enjiri nnakinku? Mubadde mumuwuliriza? Kati mmusabira okusinga bwe nnali mmusabidde. Bwe yali ayogera ku abo ab'ebitogi ebifunyiddwa, n'abalala, ekiro kya luli, nga alumiriza munnaddiini oyo. Waliwo ekyamutuukako. Olumu ku nnaku zino, ka nsuubire nti anaalaba ekifo kye mw'ali, mwekkaanye, kati ayita kuva mu Sodomu, ekibuga ekyo ekyakyamizibwa. Era kati mwetegereze kino mu *Reader's Digest*, Billy yali anafuye nnyo nga takyasobola na kukuba nkuŋŋaana. Ne bamugamba nti alina okudduka, akole dduyiro, n'ebirala. N'olwekyo, ndowooza adduka mayiro emu buli lunaku, oba bwe kityo, okusobola okukola dduyiro.

94 Omuntu avunze. Olulyo lw'abantu lwonna lwonoonose. Buli kimu kiringa bwe byali mu biseera by'amataba. Buli kimu kigootaanye, buli kimu kitabanguse, bivudde mu kifo Katonda mwe yabitondera okuba. Ekibi, nga kiyita mu ssaayansi n'obulimba, kitabangudde oluse lw'abantu lwonna.

95 Mwasoma ne wansi w'ekyo we baawandika, ne bagamba nti, "Mu nnaku zino, abawala n'abalenzi abato bali mu myaka egy'omu makkati, okusinziira ku kikula eky'omubiri, wakati w'emyaka abiri n'abiri mu etaano"? Kirowoozeeko.

96 Luli ekiro mu kwawula emyoyo, nnayitayo omuwala wa myaka abiri mu ebiri, nga takyagenda mu nsonga z'abakyala, ne mmuyitayo. Era ekyo omusawo we kye yali yamugamba.

97 Mukiraba, luse olujjudde obuvundu olwagwa, oluteenenya, olwolekedde ggeyeena. Ekyo mmanyi tekiwulikika bulungi, naye bwe kiri okusinziira ku Bayibuli, mukiraba, nti kituufu; ku luse luno oluliwo, ku mugigi gw'abantu guno.

98 Kati mwetegereze ebigenda mu maaso leero, okutabika endyo z'ente, okutabika endyo z'ebimera; ate ssaayansi bw'amala ne yeetema engalike, ssaayansi y'omu yennyini abikola, n'agamba nti, "Ekyo kye kiri mu kuzikiriza oluse lw'abantu lwonna." Nammwe mubisoma nga nange bwe mbisoma. Naye lwaki tebakiyimiriza? Kubanga tebasobola kukiyimiriza. Ekigambo kya Katonda kyagamba nti bwe kityo bwe kiriba. Naye singa basooka ne bakifumiitirizaako, bo bennyini by'ebikozesebwa, nga Yuda Isikariyoti bwe yali ekikozesebwa, nga batuukiriza ekintu kyennyini Katonda kye yagamba ekiribaawo. Kituukiririra ddala okuyita mu ssaayansi waabwe yennyini.

99 Nga akozesa okunoonyereza kwe okwa ssaayansi, mu ngeri y'emu nga bwe yalimba Kaawa, ekkanisa nayo agirimbye, Kaawa gye yali akiikirira mu kiseera kiri. Kati, kati Adamu nga ekifaananyi awo nate era, manya, ntegeeza, Kaawa, nga ekifaananyi ky'ekkanisa, mulabeeyo kye yakola. Okuyita mu kuwankawanka nga anoonya okumanya, yeesanga abuuse omusittale guli wakati w'okumanya ekituufu n'ekikyamu, bwe yawuliriza okukyamya kwa Ssetaani, manya okuziŋŋamizibwa, kw'Ekigambo kya Katonda nnakabala.

100 Era kati amakanisa leero gaziŋŋamiziddwa. Kati soogera ku bantu, ssekinnoomu. Njogera ku nkulungo y'ekkanisa. Emu yakyamizibwa adda eri, endala n'ekyamizibwa nga edda eri, ate nga, ssaayansi y'akikola. Mu nkola y'emu gye yakozesa. Ssetaani atuukirizza okutiisatiisa kwe, ddala akutuukirizza, okuli mu Isaaya 14:12.

101 Ekyo leka tusooke tukisome. Mu Kitabo kya Isaaya, leka tutandikire ku ssuula ey'e 14, olunyiriri olw'e 12.

> *Ng'ogudde okuva mu ggulu, Ayi Lusifa, ggwe omwana w'enkya! ng'otemeddwa okutuuka ku ttaka, ggwe eyamegganga amawanga!*

Ono yali Isaaya nga amulaba mu kwolesebwa, mukiraba, mu mulembe ogwali gugenda okujja.

> *N'oyogera mu mutima gwo nti, Ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emmunyeenye za Katonda: era nditula ku lusozi olw'ekibiina, . . . ku njuuyi ez'obukiika bwa kkono:*

102 Ekigendererwa kya Ssetaani, okuva mu lusuku Adeni, kwali kwekolera lusuku Adeni olulwe; yeegulumize waggulu, emmumyeenye za Katonda zisobole okumusinza, abaana basobole okumusinza. Era ekyo akituukiririzza ddala kati, era kino bw'akikoze akireese ne mu kkanisa. Naye, ekyo sigenda kukigenda mu buziba. Mmwe mwenna abawuliriza entambi mukimanyi. Ekyo—ekyo kye kiseera kyennyini mwetuli, era ekyo Ssetaani y'akikoze nga ayita mu ntegeka ez'obuyigirize, esinga obulungi, kino *ekisingako,* kiri *ekisingako*. Naye nga tebakimanyi, nti buli kaseera, batambula boolekedde kufa. Nga bazibe b'amaaso, abakulembera bamuzibe, abakulembeze b'amawanga abazibe b'amaaso, abakulembeze bannassaayaansi abazibe b'amaaso, abakulembeze b'ekkanisa abazibe b'amaaso, abazibe nga bakulembera bamuzibe. Yesu yagamba nti, "Mubaleke, bombi bajja kugwa mu kinnya."

103 Kati wano weetegereze Adeni ez'emirundi ebiri nga zombi zifaanaganira ddala, okutuuka okuba nti ey'obulimba yandirimbye n'Abalonde bennyini. Matayo 24:24 wagamba nti bwe kityo bwe kiriba. Naye njagala tusooke tuyimiriremu katono tulowooze ku Adeni zino ebbiri, n'okusingira ddala, ku ngeri Bayibuli gy'etugamba nti Ekigambo kya Katonda kyavaamu olusuku olwo Adeni, n'engeri Ekigambo kya Katonda gye kitulabula nti n'olusuku Adeni luli olulala nalwo lulijja.

104 Kati, era tukimanyi nti wateekwa okubaawo olusuku Adeni olulala, ssinga tuwuliriza nnabbi, Pawulo, mu Basessaloniika Eky'okubiri essuula ey'oku 2. Nsobola okukisoma bwe muba mwagala.

> Oyo eyeegulumiza; *olunaku* olwo *terulijja*, olwa Mukama, okutuusa nga *omuntu oli ow'okwonoona nga alimala kubikkulwa,* . . .
>
> . . . oyo atuula mu yeekaalu ya Katonda, ne *yeegulumiza okusinga buli kintu ekiyitibwa Katonda,* nga yeeraga yekka nti ye Katonda n'okusinzibwa n'asinzibwa nga Katonda.

105 Kirowoozeeko! Kati mu Isaaya 14, nnabbi agambye nti yalaba "Lusifa, mu mutima gwe," okuyita mu kwolesebwa olw'okuluŋŋamizibwa kwa Katonda, "nga agamba nti ekyo alikikola." Mu Isaaya, emyaka nga lunaana nga Pawulo tannaba kubaawo, oba ebbanga erikunuukkiriza eryo.

106 Kati wano, nga wayiseewo emyaka lunaana, Pawulo wuuno amulaba, nga ajja mu kifo kye. Mwekkaanye, kikomekkereza, Adeni ye; Adeni ye etambulira ku ssaayansi, wamu n'ensi ye etambulira ku ssaayansi, n'ekkanisa-ey'omugole etambulira ku ssaayansi, byonna wansi wa—w'ekigambo "ky'okumanya," amatendekero g'ebyeddini ag'ekitalo, diguli ez'ekitalo, enteekateeka ez'obuyigirize.

107 Wuliriza, ow'oluganda, mwannyinaze, buli omu ku ffe agenda kukwata ekkubo eryo Florence lye yakutte. Mbasaba, mu Linnya lya Yesu, mulowooze ku Kino. Temulowooza ku nze. Nze ndi muganda wammwe. Te—temulowooza ku nze. Mulowooze ku Kigambo kye njogera, ekya Bayibuli ya Katonda. Era mwekkaanye mulabe, bwe kikakasiddwa ddala awatali kubuusabuusa kwonna mu Kigambo kya Katonda kyennyini, mu mulembe gwe tulimu, mwe tuli.

108 Enteekateeka zino, zo zennyini ku bwazo za mulabe wa Kristo. Kati, ateekwa okuba ne Adeni, yagamba ajja kuba nayo. Tulaba wano Ekigambo kya Katonda ekinyoomebwa nga kigamba nti ajja kuba nayo, era tuutuno wano tumulaba nga akikola. Akikoze nga akozesa omugole we ow'amagezi ag'obwongo, owa ssaayansi, era ow'ekibiina ky'eddiini. Lumu ku nnaku zino, ajja kutikkirwa obufuzi, mu Kakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna akanaateekebwawo. Bonna bajja kumwegattako.

109 Akema abantu, si lwakuba nti bantu babi; baasimbibwa mu lunyiriri olwo olugolokofu, nga kasooli, naye Ssetaani n'asimbamu kalandalugo, ayitibwa ssaayansi, okunoonyereza, obuyigirize, diguli ey'ekitiibwa ky'obwa dokita. Ebiseera ebimu tebasobola na kukukkiriza kuyimirira ku kituuti okuggyako nga olina diguli ey'ekitiibwa ky'obwa dokita okuva mu ttendekero ly'eby'eddiini. Byonna bikyamu! Abantu si be bakyamu; wabula enteekateeka eyo ye nkyamu. Era kati biki by'ezzadde? Nate byonna bizzeemu ne bituuka ku ntikko, ne biteeka ensi yonna (okuyita mu nkola ey'okugattika endyo z'ebintu, okukyamya Ensigo ya Katonda nnakabala) mu kavuyo akalala ak'ekizikiza.

110 Naye ndi musanyufu nnyo nti Katonda azzeemu n'atulowoozaako, nti Akyasobola okutambula ne mu mbeera efaanana bw'etyo. Yasuubiza nti Alikikola, era ayiteyo ekisibo ekitono abaliba Omugole We.

111 Mwekkaanye wano nate era, engeri ekkanisa zino gye ziggyirayo ddala ekifaananyi, manyanga Adeni zino.

112 Katonda, okuyita mu Nsigo y'Ekigambo Kye! Era waliwo ekintu kimu kyokka ekisobola okufuula Ekigambo ekiramu, era nga ekyo ye Mwoyo, kubanga y'Awa Ekigambo Obulamu. Era Obulamu obuba mu Kigambo bwe busisinkana Obulamu obw'Omwoyo, buzaala ekyo kyonna Ensigo eyo ky'eri.

113 Kaakati mwetegereze ekyabaawo. Mu lusuku Adeni mwalimu ettwale lya Katonda eryali litamanyi kibi, era ogwo gwali—ogumu ku mirembe. Omulembe ogwasookera ddala gwali tegumanyi kibi, abantu baali tebamanyi kibi. Baali tebamanyi kintu kyonna kikwata ku kibi. Bombiriri Adamu ne Kaawa baali bwereere, naye obwereere bwabwe bwali bukwekeddwa gye bali, nga babikkiddwaako n'ekibikkako eky'omwoyo ku maaso gaabwe. Baali tebalina kye bakimanyiiko yadde, nti baali

bwereere, kubanga baali bakwekeddwa. Olw'ekibikkako kya Katonda, ekyali mu birowoozo byabwe, baali tebamanyi kituufu na kikyamu. Era nga bwe kiri nti bombi baali awo nga bali bwereere, kiraga nti baali tebannafuna kumanya, mukiraba, kutegeera nti bali bwereere. Bombi baali bwereere naye nga tebakimanyi.

114 Kati bw'obikkula, mu Kubikkulirwa, essuula ey'oku 3, bwe muba mwagala, musobola okukiwandiika. Omwoyo Omutukuvu bwe yali alagula ku biribaawo mu mulembe guno ogusembayo, eri Omulembe gwa Lawodiikiya ogw'Ekkanisa y'Abapentekoote mu nnaku ez'oluvannyuma, Yagamba nti, "Oli bwereere, era omuzibe w'amaaso, naye tokimanyi."

115 Wali tulaba Ensigo ya Katonda, mu mulembe ogw'obutamanya kibi, nga tebamanyi na kumanya nti bali bwereere, wansi w'ekibikkako eky'Omwoyo Omutukuvu, nga kibabisse obutalaba kibi.

116 Naye kati ne mu mulembe gw'ekkanisa ogusembayo, tulaba wano nti ne ku mulundi guno bali bwereere, naye nga tebakimanyi. Naye nga ku mulundi guno si kibikkako kya Mwoyo Mutukuvu. Wabula kibikkako Ssetaani kye yabikka ku Kaawa mu kiseera kiri, ekibikkako eky'okwaka, kibikkako eky'okwaka. Bagwaagwa nnyo okutuusa nti n'okukimanya tebakimanyi nti bali bwereere, abakazi baffe bali ku nguudo, bambadde empale ennyimpi, n'engoye ez'ekikaba.

117 Luli waliwo eyampeereza olupapula, okuli olugoye luno olupya lwe bagenda okwambala, ndowooza, luli yinci nga kkumi na nnya okuva ku makugunyu okukka wansi, oba ekintu bwe kityo. Naye ssimanyi oba—oba nga ddala abakazi baffe bakitegeera nti ekyo kibikkako kya kwaka?

118 Kati weewaawo o—osobola okugamba nti, "Nsobola okukakasa, mu maaso ga Katonda, nti ssendanga ku mwami wange, oba ndi—ndi . . . bino byonna."

119 Naye mu buli ngeri, ku lunaku olw'Omusango, oliyitibwa "mwenzi." Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Yesu yagamba nti, "Buli atunuulira omukazi okumwegomba, nga amaze okwenda naye mu mutima gwe."

120 "Bazibe ba maaso, baali bwereere, naye n'okukimanya tebakimanyi!" Sitegeeza bakazi battu abo abali ebweru eyo; sibalinaako buzibu bwonna. Ntegeeza kibi ekyo! Kyokka n'enkola y'ekkanisa erabikanga etakiraba manya etakivumirira; babaleka ne basalako enviiri, ne beesiiga eby'okwewunda, ne bambala ebinu n'ebirala ebya buli ngeri, mu linnya ly'Obukristaayo. Nga kyennyamiza! Mukiraba, ne ku mulundi guno bali bwereere, mu lusuku Adeni olwa Ssetaani, naye n'okukimanya tebakimanyi. Tebakimanyi.

121 Nnandiba nga nnengera, oba oly'awo, bwe ntunula erudda wali, ku kidiba kiri ekiwugirwamu, ndabawo abakazi mu

kaseera kano kennyini. Nyabula ssinga omukazi oyo ategeera ky'akola, naye takimanyi. Ali bwereere. Omubiri gwe gwa kitiibwa. Yeeyambula engoye Katonda ze yamwambaza, bwe yamwambaza eddiba, n'alyeyambulako olw'omulembe guno. Buli kaseera yeeyongera kulinnojjola. Ali bwereere, nga yeekwasa "obugunjufu, obuyigirize obwa waggulu, obugunjufu obusingako, n'empisa ezisingako obulungi." Njagala nkakase nti kino kinnyikira munda. Byonna bya ssetaani, era birizikirizibwa ku Kujja kwa Mukama waffe Yesu. Byonna bijja kuzikirizibwa, buli kimu ku byo. Tewaliba n'ekimu ekirisigalawo.

122 Naye, owange ggwe, mukwano gwange, okwetoloola eggwanga lyonna, ampuliriza okuva wano mu Phoenix, lowooza ku bintu ebyo! Oli wano era birina okukutuukako. Kati, Yesu yagamba nti, "Birikyamya n'Abalonde ssinga kyali kisoboka."

123 Omwoyo ogwasooka gwali . . . ekibikkako ekyasooka kyali kibikkako ekitukuvu, Omwoyo Omutukuvu, era omukazi yali takkirizibwa kutunula bweru wa Kyo. Naye Ssetaani bwe yatandika okwogera naye ku bikwatagana ku kumanya, n'asalawo alingizeeko katono mu nsi.

124 Era ekyo kyennyini muwala we, ekkanisa, ky'ekoze. Oyagala olabe nga, oyagala oyambale nga omuzannyi wa ffirimu gundi bw'ayambala, oba abavubuka abato baagala beeyise nga Elvis Presley oba—oba Pat Boone, oba—oba abamu ku bantu abo, abeerimbika mu kuba n'eddiini.

125 Pat Boone ava mu nzikiriza ya Kkanisa ya Kristo. Elvis Presley Mupentekoote. Abantu babiri abajjudde emizimu abasudde ensi mu mivuyo emibi ennyo okusinga ne Yuda Isukalyoti kye yakola bwe yalyamu Yesu Kristo olukwe. Naye tebakimanyi. Abavubuka abo ekyo tebakimanyi. Sibalinaako nsonga yonna—abavubuka abo, abasajja abo, naye omwoyo ogwo ogubakozesa.

126 Ggwe lumu ojje oddeko ku mabbali wali, oleke kalandalugo oyo yeezingirire ku kikolo kya kasooli ekyo, lumu, olabe ekinaddirira; kasooli tajja kulama. Ddala, weewaawo, kalandalugo oyo ajja kuba amumaze. Era eyo y'engeri gy'ajja okukikolamu. Ajja kukikola buli mulundi. Kaawa yalina kulingizaako mu nsi omulundi gumu guti.

127 Kati leka mbeeko ne kye nkutegeeza, ow'oluganda naawe mwannyinaze. Mu Yokaana Ekisooka, essuula ey'oku 2 n'olunyiriri olw'e 15, tusobola okukisoma bwe muba mwagala, Bayibuli egamba nti:

> . . . *Bwe twagala ensi*, oba ebintu by'ensi, kiri lwakuba *okwagala kwa* Katonda n'okutubaamu tekutuliimu.

128 Kati, ekigambo ekyakozesebwa awo tekiri *nsi*; wabula kigambo eky'Oluyonaani, *kosmos*, ekitegeeza "enkola y'ensi kw'etambulira." Bwe twagala emisono gy'ensi, okukola nga ensi, bwe twagala okutambula nga ensi bw'etambula, bwe

tulowooza nti "kino kiseera kiyitirivu obulungi, ha, tulina ebintu bino byonna," bw'oba nga ebyo by'olowooza, kiri lwa kuba endowooza yo nkyamu. Ssetaani yagikyamya. "Kubanga bw'oyagala enkola y'ensi kw'etambulira, n'ebintu by'ensi eno eby'omulembe, kiri lwa kuba okwagala kwa Katonda n'okukubaamu tekukuliimu." Ekyo kijjukire. Ayi Katonda! Laba kye twolekedde!

129 Njagala nsooke nnyimiriremukko wano mbeeko emboozi entonotono gye mbanyumiza. Nnawulirako eyali avunaanyizibwa ku by'okusinza mu Ssematalo Eyasooka. Baali bakasuse . . .

130 Nga Ssetaani ku luberyeberye, bwe yajja mu lusuku Adeni. Ensigo yali tasobola kuzisima kuziggyayo. Yali tasobola kuzizikiriza. Naye yazifuuyira obutwa, ne buziŋŋamya Ensigo, n'etabala bibala bituufu bye yali erina kubala. Bwaziŋŋamya Ensigo nnakabala.

131 Era ekyo enteekateeka zino zonna ez'eddiini kye zikoze. Weewaawo bakyali baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, naye baaziŋŋamizibwa. Bagenda mu kkanisa, nga kye baagala kwe kukola ekyo ekituufu. Omubiikira tayingira bubiikira na kigendererwa kya kufuuka mukazi wa mutima mubi. Omuweereza tagenda mu ttendekero kutendekebwa nga ekimututteyo kufuuka mu—mu—musajja mubi. Teweegatta ku kkanisa, na kubaako gw'okwata mu ngalo, na kuwandiisa linnya lyo mu kitabo kya kkanisa, oba kyonna kye mukola mu kkanisa y'ewammwe, nga ogenderera kufuuka muntu mubi. Obikola na kigendererwa kya kufuuka muntu omulungi. Naye obulimba ye kazaala bulwa, okuziŋŋamizibwa kwe kukuleetera okukola obubi. Ssetaani ye yabufuuyira. Mukiraba? Katonda tabangako na kibiina kya buntu. Ekintu eky'engeri eyo tekirina wantu wonna wonna we kisangibwa mu Kigambo kya Katonda.

132 Katonda ye kibiina kyaffe, twateekateekebwa mu Ye, mu Mubiri, mu Katonda, mu Ggulu. Bwe kiri. Amannya gaffe gali mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. Mwekkaanye.

133 Naye, mulabeeyo, mmanyi kizibu nnyo, naye nja—njagala muŋŋumiikirizeeko katono bwe kiba kisoboka. Mu biseera bya ssematalo . . . Munsonyiwe olw'okuva ku ky'okuyigirizaako kyange.

134 Naye okusobola okukkaatiriza ensonga eno, nja—njagadde mbawe okunnyonnyola kwange ku kiki Ssetaani kye yakola mu Adeni: yafuuyira obutwa obubi ennyo. Mwandyagadde okumanya butwa ki obwo bwe yafuuuyira? Nsobola okubabuulira. Ebirungo ebikola obutwa obwo mbimanyi, biri ebigambo bibiri: obutakkiriza, nga kwe kukontana n'okukkiriza, yafuuyira obutakkiriza, wamu n'okubuusabuusa. Olwo ssaayansi naye n'ajjuza ekifo kye. Awaali ekituli, ekiyingira munda mu Nsigo, ekituli ekyo Ssetaani yakijjuzaamu

amagezi ne ssaayansi n'enkyukakyuka y'obugunjufu, era biziŋŋamizza, obutonde bwa Katonda bwonna.

135 Mmanyi mulowooza ndi mu kubateeka ku bunkenke, naye nange ndi ku bunkenke wamu nnammwe. Era ffenna tuli wano kugezaako kuzuula kye tusobola kukola. Ebintu ebyo tetubyogera kwawukana ku balala. Tulina okuba abeesimbu.

136 Ffenna, buli omu ku ffe, tulina okutuuka ku nkomerero y'olugendo, we tulyanukulira buli kigambo kye twayogera. Mu kaseera kano kennyini, tukimanyi bulungi nti amaloboozi gaffe. . . Bwe tuzaalibwa, okukaaba kwaffe okusookera ddala nga twakazaalibwa kukwatibwa ku lutambi. Lumu kulizannyibwa ne kuwulirwa ku Lunaku olw'Omusango. Ka zibeere engoye z'oyambala nazo zirikulagibwa, ku Lunaku lw'Omusango. Ekyo ne ssaayansi yakivumbula, okuyita mu ttivvi. Olaba, ttivvi tekola kifaananyi, wabula ekiteeka buteesi mu mukutu mwe kisobola okulabibwa. Langi z'engoye z'oyambala, buli lw'otambula, buli kirowoozo ekiri mu birowoozo byo, byonna bikwatibwa era ne biterekebwa mu tterekero lya Katonda. Era olutambi olwo olunene lulyanjuluzibwa mu maaso go ne lulaga, buli kamu ku bugoye obwo obw'ekikaba bwe wayambala; buli mulundi lwe wagenda ewa kinyoozi, n'osalako enviiri ezo Katonda ze yakuwa. Byonna biribaako. Byonna olibyanukulira. Toliyinza kubaako na ky'okola, ka bibeere ebirowoozo ebyali mu mutima gwo bwe wali okikola, byonna biryanjuluzibwa mu maaso go n'obiraba. Olisimattuka otya? "Tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkanidde awo?" Mukiraba? Tetulina bwe tulisimattuka. Buli kintu kyonna ky'okola, n'ebirowoozo by'omu mutima, byonna bikwatibwa nga bwe biri mu mutendera omulala, k'ebeere langi y'olugoye lw'oyambala. Ekyo ttivvi, ttivvi eraga ebifaananyi ebya langi ekikakasa bulungi, ebisikayo n'ebiraga, mukiraba, ate nga ogwo guli gumu gwokka ku mitendera esatu mwe tubeera. Mukiraba?

137 Kaakati obutwa nga bukubye nnyo ekkanisa, nga bukubye nnyo ensi! Obutwa bwa Ssetaani bwe yafuuyira ku Nsigo, buziwumuddemu ebituli ne buzireetera okwonooneka. Buli olukya, yeeyongera kusensera buziba mu mitima gy'amakanisa, ne mu mitima gy'abantu na buli kimu, ssaayansi, ssaayansi. Okutuusa lwe kituuse mu kifo nga olulyo lw'abantu lwonna, olw'okugattika endyo. . . Nzikiriza buli nsigo esaanidde okuzaala ekyo kyennyini ky'eri. Naye olulyo lw'abantu, n'ebimera, n'ebirala byonna olw'okubigattika, bitutuusizza mu mbeera; nti emmere yaffe gye tulya okuva mu nsi, ereetedde, emibiri gyaffe, okufuuka maleeto, etadde ebirowoozo byaffe. . . Kati, emibiri gyaffe bwe giba gitandika okukaddiwa, okuva ku myaka abiri okutuuka ku abiri mu etaano, olw'obutofaali bw'emibiri gyaffe okwonooneka, olw'okulya emmere ennoongoosereze, olwo obutofaali bw'obwongo bwaffe

bwo tebwonooneka? Obwo, nabwo si butoffaali? Y'ensonga lwaki Ricky yeetawula n'adda eno n'eri ku nguudo wano, n'emmotoka ye gye yawunda n'azza obuggya; nga Ricketta, ne ba Elvitta, n'abalala bangi, nga bwe tubayita, nga bwe batambula nga kyenkana bali bwereere mu maaso g'abantu, nga obwongo tebukyakola bulungi, tebakyategeera kiyitibwa bulongoofu na mpisa nnungi.

138 Bwe tuddayo ku mboozi yange gye mbadde mbanyumiza. Omusajja ono eyali avunaanyizibwa ku by'okusinza yagamba nti yali ava mu ddwaliro, era agamba nti waaliyo abavubuka bangi abaali bagalamidde awo mu weema, nga abamu . . . Yali yaakayingira. Yagamba nti yagendayo, ne wabaawo omusirikale omu eyamugamba nti, yagamba nti, "Mubuulizi, twagala tugende, tulambule ku masamba erudda eri." Baali bakasuse gaasi ono wa mustard ne chlorine, nga bwe baakolanga mu nnaku ezo.

139 N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnagenzeeyo," n'agamba, "naye tewaabadde muti n'ogumu gulina kikuta, tewaabadde wadde akasubi. Lwali ku Paasika ku makya." N'agamba nti, "Waaliyo ebimotoka ebikadde ebirwanyi ebyali byayonooneka, omusirikale bye yali alina okuwandiika, alabe oba nga waliwo ekintu kyonna kye bayinza okubikolera okubiddaabiriza, kumpi n'Ekibira ekinene ekiyitibwa Argonne." N'agamba nti, "Nnali nnyimiridde awo nneewuunaganya," n'agamba nti, "Ne ntunula waggulu, ne ŋŋamba nti, 'Ayi Katonda, bino byonna bwe biti byonna bwe birikomekkereza.'" Ddala bwe kiri, byonna bijja. Byonna byali byokeddwa, nga tewali wantu wonna wali bulamu, nga omuddo gwonna gwokeddwa; wamu n'emiti, nga byokeddwa ggaasi oyo, nga emiti gifudde, buli kimu kittiddwa, nga byonna byewetaaweta, birengejja, olw'amasasi n'ebintu ebirala ebyabisesebbula.

140 Ekyo bwe kiba nga si kye kifaananyi ky'ensi bw'efaanana leero, nga Ssetaani afuuyira obutakkiriza bwe, n'okugattika endyo z'ebintu, ssaayansi we, wamu n'okumanya kwe! Okutuusa nti, lwali lutya ku lubereberye, Katonda bwe yateeka Adamu ne Kaawa mu lusuku, olusuku olwo olw'okwesiima olutaliimu kufa, olutaliimu ndwadde, olutaliimu nnaku, nga buli kimu kiri mu nkola era mu mbeera yaakyo entuufu, naye laba DDT wa Ssetaani ky'akoze! Kati yonna kavuyo keerere. Tekyalimu nsa mu yo.

141 N'agamba nti, "Ne ntandika okukaaba. Ne ntambula okuddayo, ne mbaako ejjinja lye nnalaba." N'agamba nti, "Ne nsemberera ejjinja eryo we lyali, ne ndisindika ne lyevuunula. Wansi w'ejjinja eryo waaliwo akamuli akeeru akaali kameruka, ekintu kyokka ekiramu ekyali kisigaddewo, kubanga ejjinja lyali likabisse."

142 Ayi Katonda, Olwazi lwange, tubikkeko olwa leero, Ai

Katonda, nga obutwa buno bwe bugenda busaasaana buli wamu wonna mu linnya lya ssaayansi n'obuyigirize. Tubikkeko. Nkuuma okutuusa ku lunaku luli, Ai Katonda, kwe kusaba kwange. Kati ka nsuubire nti, buli omu ku ffe ali wansi w'Olwazi olwo, Kristo.

143 Nnaakakibuulirako jjuuzi, bangi ku mmwe mwakiwulira. Nnali ntambula mu kibira, nga njigga, ne wabaawo ekyandeetera okukyuka. Bwe nnakyuka ne ndaba, nga wansi waliwo akabookisi oba akapakiti ka sigala, oba kyonna kye mukiyita. Nga ka kampuni ya, mpulira saagala kwatula linnya lyayo, naye kaali kampuni ekola ssigala . . . erina eŋŋombo egamba nti "Akasengejja k'omuntu alowooza, eddenkende ly'omuntu omunywi wa sigala."

144 Ne ntanula okweyongerayo mu—mu maaso mu kibira, ne wabaawo Ekintu ekyampaliriza mu nze nti, "Ddayo wali ku kapakiti ka sigala kali."

145 Mu nze kye nnava ŋŋamba nti, "Kitaffe ow'omu Ggulu, ŋŋenda mmanga wali eri ku muti guli we Wayogerera bukaamuje buli ne bubaawo, olumu ku makya. Ddala lwaki Ompita nzireyo emabega?"

146 Ekintu ne kiŋŋamba nti, "Olina obubaka bw'ogenda okubuulira ku Ssande. Omutwe gw'obubaka guwandiikiddwa ku kapakiti ako."

Muli ne nneebuuza nti, "Ddala ku kapakiti ka ssigala?" Ne nzirayo emabega.

147 Ne ntandika okulowooza muli nti, "Akasengejja k'omuntu alowooza," okwo nga kulimbibwa kwa maanyi! Omuntu alowooza, tayinza kunywa sigala. Naye, mulaba, ekyo abantu bakimira ne bakikkiriza.

148 Nzikiriza kyaliwo emyaka nga ebiri egiyise, bwe nnali mu lumu ku nkuŋŋaana ennene, bwe nnagenda ku mwoleso gw'ensi yonna lwe gwali ku Lubalama lw'Ebugwanjuba. Era baali batimbye ekifaananyi kya Yul Brynner n'ebirala bingi. Era bannassaayansi, bangi ku bo, bonna baali mu kisenge kye kimu, nga boogera ku kabi akali mu kunywa sigala. Nga basobola okusika omukka ogwo ne bagufuuwa ku jjinja lya mmabo, ne bakwata akati akalongoosa amatu ne basikamu nicotine ne baguteeka ku mugongo gw'emmese, ne bagiggalira mu kayumba, mu nnaku musanvu yonna yali ejjudde kookolo nga teyinza na kutambula. Mukiraba? N'agamba . . . Ne baginnyikako mu mazzi, ne ŋŋamba nti, "Ate akasengejja!"

149 N'ambuuza nti, "Akasengejja? Ebyo tebiriiyo." N'agamba nti, "Ggwe . . ." Kati, bano bannassaayansi bennyini. Ne bagamba nti, "Toyinza kubeera na mukka awatali tar. Tar y'akola omukka."

150 Naye ekigendererwa ky'ekyo kiri kimu kyokka, ako kakodyo ka kwongera kutunda sigala, nga ekyo . . . Bwe . . . Ka nsuubire temuulowooze nti nneeyitiriza oba ndi muzoole. Ssetaani ali mu muntu oyo, y'amuleetera okunywa sigala, yette. Bw'aba abadde a—ayagala nicotine okuva mu munwe gumu ogwa sigala, okusobola okumatiza ennyonta ye ey'okunywa ku sigala, kati kampuni evaayo n'akakodyo kano ak'obulimba, n'egamba mbu, "Akasengejja k'omuntu alowoooza." Kati aba ajja kunywa eminwe gya sigala ena oba etaano, okusobola okusika munda mu ye ekirungo ekyo ekya tar (okumatiza ennyonta ye) nga bwe kyandibadde ku munwe ogumu. Abamerika nga baguza baganda baabwe ne bannyinaabwe okufa! Sikitegeera.

151 Naye ate, mu ekyo, nnafunamu kino nti, "Weewaawo *waliwo* Akasengejja akatuufu ak'omuntu alowooza."

152 Kaakati omuntu bw'anywa sigala, jjukira nti, kireeta eddenkende ly'omunywi wa sigala. Kitegeeza, bw'oba tosobola ku- . . . toyinza kumatiza nnyonta ya mukka ogwo okutuusa omukka ogwo lwe gukutuuka, n'ofuna . . . n'osobola okufuna eddenkende liri, nga kitegeeza, nti onywa eminwe gya sigala ena, oba etaano, n'ogisasulira ssente nnyingi okusinga ze wandisasudde, ssinga onywedde omunwe gumu ogwa sigala. Mukiraba, kakodyo, kakodyo ka kutunda; kulimba bantu, Abamerika. Bwe ndowooza ku kyaliwo ku Valley Forge, ne ndowooza ku George Washington; ne kimu kya kusatu eky'abajaasi be, nga tebambadde na ngatto mu bigere byabwe, ku lunaku olwo olunyogovu, okusobola okutufuula eggwanga lye tuli leero! Naye n'olaba nga Abamerika baguza Bamerika bannaabwe, muganda we ne mwannyina, n'amuguza okufa, nga yeerimbika mu kakodyo ak'obulimba, olw'amagoba ag'obukuusa, ensibuko y'ebibi byonna. Okululunkanira ssente, okuzaagala. Ekintu kyonna kigudde eddalu, nga tebakimanyi nti ekintu kyonna kijja kusaanawo! Naye bw'otafuna mukka, tosobola kufuna ddekende liri.

153 Mu nze kye nnava ŋŋamba nti kitegeeza, "Waliwo Akasengejja k'omuntu alowooza." Akasengejja k'omuntu alowooza! Omutwe gw'eky'okuyigirizaako kyange ne ngujja mu bigambo bino nti "Akasengejja k'omuntu alowooza kaleeta eddekende ly'okulegako kw'omuntu omutukuvu."

154 Ne ndowooza nti eby'engeri eyo amadiini gaffe gakoze bingi nnyo, nga gayingiza abantu abatambulira mu bulamu obw'engeri yonna gye baagala ne beeyita Bakristaayo. Lwaki? Bafuna abantu bangi nnyo mu bibiina byabwe eby'amaddiini oba mu bibiina byabwe ebyagunjibwa abantu. Tufuna bangi nnyo abatwegattako kubanga tubaleka ne bayingira olwa *kino, kiri,* na *kiri,* n'ekirala kyonna. "Ebyo tebirina kye bikyusa yadde, oli kasita ateeka erinnya lye mu kitabo n'agamba nti Mukristaayo. Ky'ekyo kyokka. O, 'olokolebwa lwa

kukkiriza.' Olina okukkiriza." Ne ssetaani akola ekintu kye kimu. Weewaawo.

155 Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, era ekyo kibaawo kuyita mu Kasengejja ka Katonda! Kati waliwo Akasengejja k'omuntu alowooza. Nkakutte mu mukono gwange. Tekajja kuzaala kulegako kwa ddekende lya kibiina kya ddiini, naye mazima ddala Kajja kumatiza okulegako kw'omuntu omutukuvu, nga bwe mukimanyi.

156 Omukazi asazeeko enviiri ayinza atya okuyita mu Kasengejja kano? Omukazi ayambadde ekinu ayinza atya okukayitamu, oba ayambadde empale y'ekisajja, nga Bayibuli egamba nti, "Kya muzizo eri Katonda, omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja"? Ye ate omusajja yenna eyeerowooza okuba omusajja, ayinza atya okugenda n'ayambala nga omukazi, n'aleka enviiri ze ne zikula nga ez'omukazi, ne zimugwa mu maaso, nga zikomdoddwa, zonna zirangiddwa mu ngeri *eyo*? Omusajja ayambala ngoye za mukyala we ez'omunda. Ate omukazi ayambala ngoye za bba ez'oku ngulu. Akasengejja k'omuntu alowooza? Ekyo omusajja alowooza tayinza kukikola, oba omukazi alowooza ekyo naye tasobola kukikola. Ekigambo kya Katonda tekiyinza kubiganya kuyitamu.

157 Tewali kintu n'ekimu kisobola kuyita mu Kigambo ekyo. Ye Mwoyo Mutukuvu, era Aleeta Ekigambo mu ggwe, n'Aleeta n'okulegako okw'omuntu omutukuvu.

158 Mulabe leero, ka Ricketta ku luguudo, kalina ekikula ky'omubiri omulungi, ogulabika obulungi Katonda gwe yakawa, naye Ssetaani y'agukozesa. Era kajja kwambala mu ngeri ey'ekikaba, nga tekakimanyi nti mu wiiki emu okuva leero kandiba mu ntaana nga kavunda.

159 Nnali ntambula wano ku luguudo ebbanga si ddene eriyise. Nnali mbuulira mu lukuŋŋaana lwa ba Assemblies of God ku Lubalama lw'Ebugwanjuba, mu lukuŋŋaana olwali mu ttendekero lya Southwestern Bible School. Ne wabaawo omukyala eyajja atambula ku luguudo, akatono . . . nga ayambadde obugoye obutono, obukete, oba kyonna kye mubuyita, nga asibye enviiri ezibikka ku maaso, ayambadde enkofiira n'engatto eby'ekikawubooyi. Nze nnali nnyambuka. Muli ne ndowooza nti, "Bambi kakazi kattu, kalina taata ne maama abakaagala ennyo, kaateekebwa wano kuba muwala wa Katonda, naye kafuuse kamere ku ddobo lya ssetaani." Muli ne ŋŋamba nti, "Naye ndowooza ka nkyuke nzireyo ŋŋambe omwana ono." Kandabikira nga akaali mu myaka gya muwala wange Saala, emyaka kkumi na musanvu awo, oba kkumi na mukaaga, awo bwe watyo. Naye ate ne ŋŋamba nti, "Nedda, ka nkireke. Ka nnyambuke bwambusi ŋŋende wali eri mmusabire. Watya singa wabaawo andaba nga njogera naye, eby'okwogera naye ka mbireke."

160 Kaakano, kati muwulirize, mmwe batabani ba Katonda, nammwe mutuuka mu mbeera y'emu eyo, bano ba Yezebeeri ba leero ne bagezaako okubasendasenda, naye omuntu alowooza ajja kusooka kulowooza. Omuwala oyo yandiba nga alabika bulungi, kyandiba nti "Ayinza okunsikiriza," naye kijja kukuviiramu kufiirwa meeme yo, muvubuka; n'abamu ku mmwe abawala, eri obuvubuka buno bu Ricky! Akasengejja k'omuntu alowooza kazaala okulegako kw'omuntu omutukuvu.

161 Mmwe abaami abafumbo, bwe mulaba abakazi abo ku nguudo nga bambadde bwe batyo, mmwe batabani ba Katonda, temujjukira kyabaawo ku lubereberye? Ssaayansi bwe yalungiya abakazi okukamala mu biseera nga amataba tegannabaawo, okutuusa abaana ba Katonda lwe beetwalira bawala b'abantu (si bawala ba Katonda), era Katonda takyerabiranga. Ensi yonna baagiviirako okuzikirizibwa; ssaayansi, okulabika obulungi okusinga bwe baali. Kyateranga okuba . . . Mwetegereze engeri abakazi gye beeyongedde okulabika obulungi mu nnaku ez'oluvannyuma, kabonero ka nkomerero; Katonda akikakasizza. N'olwekyo, kozesa Akasengejja k'omuntu alowooza, ojja kuba n'okulegako kw'omuntu omutukuvu. Kijja kukufiiriza amaka go. Kijja kukufiiriza ekifo kyo. Kijja kukufiiriza buli kimu ky'olina; ate nga oggyeeko ekyo, kijja kukufiiriza n'emeeme yo! Amaka go gajja kusasika. Kyandikuviiramu omusajja omulala okukuza abaana bo, oba omukazi omulala okukuza abaana bo.

162 Twala Akasengejja k'omuntu alowooza, kajja kuzaala okulegako kw'omukazi omutukuvu. Bw'osimbula n'ogenda ewa kinyoozi, oba awalala wonna, ne bakugamba nti, "Naye nno, enviiri ezo zijja kukulumya omutwe." Twala Akasengejja k'omukazi alowooza, Bayibuli kye yagamba, okiraba, okikube amabega okiveeko. Okiraba? Tokikola.

163 Ndi muganda wammwe, era mbaagala. Ssibalinaako nsonga yonna. Ekyo Katonda akimanyi. Era ekyo kye kindeetera okwogera ebintu bye njogera, lwa—lwa kwagala kwa Katonda kwe nnina gye muli. Ssinga omuntu abeera awo n'atakubuulira, oba nga musumba wo naye n'akuleka ne weeyisa mu ngeri nga eyo, aba takwagala. Tayinza kuba nti akwagala. Sandyagadde kuba na kwagala kwa ngeri nga eyo eri bakazi. Njagala mbeere n'eneewulira entukuvu eri mwannyinaze. Njagala abeere mwannyinaze ddala. Si muntu kwogera, n'amwogerako nga bw'alabika obulungi ennyo ne bw'afaanana, ne bw'amala geegabangula n'agamba nti, "Y'omu ku abo be . . . " Huh-uh. Nedda. Njagala abeere mukyala assibwamu ekitiibwa!

164 Ayi Mukama, nkuumira wansi w'Olwazi. Weewaawo. Mu Abaefeeso 5:26, waliwo engeri emu yokka gy'oyinza okuyita mu Lwazi olwo, nga kwe, "Kunaazibwa n'amazzi ag'okwawula okuyita mu Kigambo." Bwe kiri.

165 Kati, tokkiriza ssetaani ono okukufuuyira n'eby'obuyigirize bye. Nnedda, nnedda. Bujja kutta erinnya lyo eri abalala. Tokkiriza ssetaani okukozesa bino ebya, "Nze, nsabira mu kkanisa ya maama wange mwe yasabiranga, ne taata wange, ne jjajja wange omukazi." Tokkiriza ssetaani okubikufuyira. Bayibuli yakyogera dda, ku Mirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, n'ebintu ebirala ebiri awo, byonna bizzeeyo eri ensigo! Bwe kiri. Ekintu kyonna kivunze. Ekintu kyonna bbwa erivunze erivaamu ekivundu. Tomukkiriza kukufuuyira, kwenyumiriza mbu, "Kati, tweyisa kikungu. Tuli bayigirize okusinga bwe twali edda." Tomukkiriza ssetaani okubibapaatiikako. Mbalaze enteekateeka ye yonna ey'enkyukakyuka mu bugunjufu, obuyigirize ne ssaayansi. Abiyingizza mu kkanisa, naye temugeza okubiwuliriza. Mwewale ttivvi ezo encaafu n'ebirala byonna eby'engeri eyo!

166 Ekyawandiikibwa kyaffe kye twasomye kigamba nti, "Temufaananyizibwanga, naye mukyusibwenga." Si kuyingira kugamba nti, "Nnassibwako emikono, ku Ssande." Nedda. Yingira kaakati okyusibwe, okyusibwe okuva mu ekyo ky'oli, ofuuke ekyo Katonda ky'ayagala obeere.

167 Kati, kisinziira ku kika kya nsigo ekikulimu. Bw'oteekebwamu ensigo ey'amagezi ag'obwongo, n'obuyigirize, waliwo ekintu kimu kyokka ensigo eyo ky'ejja okukola, kwe kukuziŋŋamya, ky'ekyo kyokka, okukulemesa okubeera omwana wa Katonda ow'obulenzi oba ow'obuwala. Kye kyokka ky'esobola okukola. Abantu leero, ku kye ndaba, beeyisa nga abatakkiriza na kukkiriza nti waliyo Katonda.

168 Munsonyiwe olwa kino kye ŋŋenda okwogera. Bwe wabaawo omuntu yenna gwe kiyisa obubi, bambi sigenderera kukikola. Ssande nga ziizo gye buvuuddeko katono, muwala wange yampita, okugenda okulaba ttivvi ndabe ennyimba z'eddiini. Lwali ku Ssande ku makya. Nnali njagala kuwulira pulogulaamu ya Oral Roberts, kye nnava mbagamba bantegeeze. Muwala wange kwe kumpita n'agamba nti, "Jangu owulire oluyimba luno, luyimba lwa maanyi nnyo." Ne mutabani wange, eyali ayimiridde awo, naye n'akiŋŋamba. Ne nkyusa ttivvi eyo . . .

169 We tupangisa omukyala oyo alina ttivvi mu nju ye. Ssirina nteekateeka yonna ya kubeera nayo mu nju yange. Nedda, ssebo. Ssaagala kintu nga ekyo mu nju yange. Nnyinza n'okugikuba amasasi ne baasitoola yange. Ssaagalira ddala kintu kyonna kirina kakwate na kintu ekyo ekibi. Nnedda, ssebo! Naye ne . . .

170 Muleke mbeeko ne kye mbabuulira ekibakwatako mmwe ababeera wano mu Arizona. Luli mwalaba okunoonyereza okwo, okukwata ku masomero, temwakulaba? Ebitundu kinaana ku kikumi eby'abaana abali mu masomero g'omu Arizona balina

ekikyamu ku bwongo, ebitundu nkaaga mu musanvu ku bo ekizibu ekyo kyava ku kulaba ttivvi. Ekyo mukyogerako ki?

171 Ke kaseera okozese baasitoola yo! Okiraba? Kati, tokkiriza ssetaani okubikufuuyira. Nedda, ssebo. Kati abantu, nga bwe nnagambye, abantu beeyisa nga abatalisalirwa Musango.

172 Abalenzi bano n'abawala, baalina amaka g'Abayindi, n'ebintu ebirala bingi. Ndowooza omusajja ayitibwa Mw. Pool y'agakulira. Naye bwe mba nnali ndabye okuvvoola kw'ennyimba z'eddiini okw'enkola ey'omulembe, bye bintu bye baali bakola; ekibinja ky'abavubuka ba Ricky nga bayimiridde awo, bwe banyeenya emikono bwe bagizza wansi ne waggulu.

173 Eky'amazima njagadde nnyo omuvubuka oyo abadde wano enkya ya leero, ayimbye, abadde alabikira ddala, nga omusajja yennyini. Ekyo—ekyo nkyagala nnyo. Bw'o—mmwe abasuubuzi lumu mwaleeta wano ekibinja ky'abavubuka ba Ricky ne bayimirira wano, ne beetigoonyola ne baleekaana, ne bakola byonna bye bakola, ne basiba omukka nga tebassa okutuuka obwenyi okufuuka obwa bbululu; naye okwo si kuyimba, okwo kuleekaana buleekaanyi okwekinnassaayansi. *Okuyimba* luba "luyimba oluva mu mutima."

174 Ne ŋŋamba nti, "Nga kya nnaku nnyo! Nga kya nsonyi! Mazima ddala bino babikola batya mu linnya ly'eddiini, ne beeyisa nga gy'oli nti teri Katonda!" Luli, waliwo eyagamba, omuvubuka ayogereza muwala wange, omuvubuka Omukristaaayo, alina enjogera ey'e gye yakozesa nga ayogera ku Adamu ne Kaawa, yagamba nti, "Kaawa bwe yali atambulatambula mu lusuku. Yagamba nti, 'Baana bange, omuti ogwo mugulaba?' N'agamba nti, 'Awo maama wammwe we yasinziira n'awaayo buli ekyali ekyaffe.'" Osobola okukikkiriza, omuvubuka asaanye okuba Omukristaayo omukuukutivu, naye n'akwata ekisuubizo era Ekigambo kya Katonda n'akikasuka mu kiyumba ky'embizi! Beeyisa nga abatalisalirwa Musango. Naye buli kyama Katonda alikisalira Omusango. Beeyise nga abagamba nti tewali Katonda.

175 Ssaagala kubayita basirusiru, kubanga Bayibuli egamba nti omusirusiru . . . si kituufu. Yesu yagamba nti si kituufu kukikola. "Toyitanga muntu yenna musirusiru." Naye mu Zabbuli 14:1 wagamba nti, "Omusirusiru ayogedde mu mutima gwe nti 'Tewali Katonda.'" Mukiraba? Si—si ba . . . Ssaagala kubayita basirusiru, naye beeyisa nga abasirusiru. Beeyisa nga abasirusiru.

176 N'olwekyo, mulaba we tuli leero, beeyisa nga abagamba nti, "Tewali Katonda." "Nnina ekkanisa yange mwe nsabira!" Naye nga bonna, ku lwabwe, Bayibuli, kya kusaaga busaazi. "Ffe mu kkanisa yaffe gye tulaga tumanyiiyo!" Weewaawo . . . [Ebbanga jjereere ku lutambi—Omuk.] . . . butereevu mu ggeyeena, ddala bwe kiri. Bali mu lugendo, batambula mukungujjo nga

ssaayaansi wamu n'obuyigirize, n'amatendekero g'eby'eddiini n'ebirala, bwe bigenda bibawembejja nga bwe bagenda. Omwoyo Omutukuvu talina kaagaanya kubaako kubikkulirwa kwonna kw'awa ku kintu kyonna; akaagaanya ako ettendekero ly'eddiini lyakasalako.

177 Omwoyo Omutukuvu y'alina okutukulembera; so si ttendekero lya bya ddiini, si ba bisopu n'abalabirizi, n'abalala. Omwoyo Omutukuvu ye Mukulembeze waffe.

178 Kayini yali muntu bw'atyo. Yali munnaddiini nnyo mu bikolwa. Kati, bwe kiba nti eddiini kye kyokka ky'olina okuba nakyo, kiba kitegeeza Katonda teyali mwenkanya okusalira Kayini omusango. Kubanga, yali munnaddiini, yali munnadddiini era nga mwesimbu nga Abeeri. Kati mujjukire nti, yalowooza ku Katonda, yasinza Katonda, yalina ekkanisa, yazimba ekyoto, yawaayo ssaddaaka, yasaba, yasinza, naye yagaanibwa. Ne bwe ya . . . Ne Esawu, kintu kye kimu. Mukiraba?

179 Eddiini, mulabeeyo, ogwo mulimu gwa Ssetaani; tegugendererwamu kutta kintu kyonna, naye kukyonoona bwonoonyi. Kye kyokka. Ekintu kyonna tajja kukitta. O, si bannaakalyak'ani; nedda, nedda, omulabe wa Kristo si bwannaakalyak'ani. Bayibuli egamba nti, "Kyandirimbye n'Abalonde ssinga kyali kisoboka." Essira toliteeka ku muziziko gwa bya bufuzi ogwawula Bulaaya, wabula liteeke ku bufuzi bwa Rooma. Uh-huh.

180 Naye, mwekkaanye, Kayini yajja okusinza, naye mu ye yalina ensigo enkyamu, ezzadde ly'omusota. Okusiiya kw'omusota yali akuwulidde, kubanga yali zzadde lya musota. Yategeerera ddala ekyo kyennyini Katonda kye yali ayagala kikolebwe, naye n'agaana okukikola. Ekyo mubadde mukimanyi? Ssetaani amanyi Katonda by'ayagala, naye agaana bugaanyi okubikola.

181 Mwetegereze, yali alabye Katonda nga akakasa obubaka bwa Abeeri. Kati njagala mulowooze, mukozese Akasengejja kammwe ak'omuntu alowooza okumala eddakiika. Bwali bubaka bwa Abeeri obutuufu, Katonda bwe yakakasa okuba Amazima! Kati ekifaananyi mutandika okukifuna? Uh-huh. Obubaka bwa Abeeri bwali bukkiriziddwa, era Kayini yabulaba era n'akitegeera nti obubaka obwo Katonda yali abukakasizza nti butuufu. Naye nga tayinza kumala gakikkiriza. Amalala ge tegaamuganya kukikkiriza. Bwe kiri, amalala ge tegaamuganya kukikkiriza. Yalaba Katonda nga akakasa obubaka.

182 Ne leero, kirabika nga ekikaluubirira ennyo abantu okwetowaza eri Ekigambo kya Katonda. Bawulira te—te—tebasobola kukikola. Weewaawo, bajja kwewombeeka eri ebiyiiye by'ekkanisa, naye nga ssi eri Kigambo kya Katonda.

183 Kino bw'oba oyagala we kiri, bikkula mu... Ekyawandiikibwa nkirina wano, era kye njulizaako. Olubereberye 4:6 ne 7, Katonda yagamba Kayini, nti, "Lwaki otuggubadde? Kiki ekikusunguwazza obwenkanidde awo, n'ogenda nga wenna osunguwadde? Waakava okuwulira obubaka obukusunguwazza." N'amubuuza nti "Kati, ekyo okola kya ki? Otuggubalidde ki, kubanga Ssazze mu kkanisa yo? Kati ggwe wakoze kya ki?"

Mukozesa Akasengejja k'omuntu alowooza? Mukiraba?

184 Oba, "Lwaki tewa...Lwaki olabika bw'otyo?" N'agamba nti, "Bw'onaakola obulungi, genda okole nga muganda wo bw'akola, Nja kukusembeza era nkuwe omukisa. Nja kukukolera ekintu kye kimu." Naye nga tasobola kukikola. Kye yava amugamba nti, "Kati, bw'otakikola, ekibi eky'obutakkiriza kiri ku luggi."

185 Kati bwe batugamba mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaayita," babiraba nga bikakasibwa era ne binywezebwa, mukiraba, ebintu bino byonna Katonda bye yasuubiza nti Alibikola mu nnaku ez'oluvannyuma, mu Kubikkulirwa 10 ne Malaki 4, ebintu ebyo byonna byakakasibwa ddala awatali kakunkuna, obuzibu buli ludda wa, ab'oluganda? Kikyamu ki, mulaba?

186 Bwe bagaana okubikkiriza, obutakkiriza, nga kye kibi... Waliwo ekibi kimu kyokka, nga, bwe butakkiriza. Bwe kiri. Tosalirwa musango kukusinga lwa kuba onywa omwenge, onywa sigala, ogaaya, oyambala empale ennyimpi, oba okola byonna by'okola. Nedda, ebyo tebikusaliza musango kukusinga. Ekikusaliza omusango okukusinga kiri lwa kuba tokkiriza. Ssinga obadde okkiriza, tewandibikoze. Okiraba? Ebyo omukkiriza tabikola. Akwata Akasengejja k'omusajja alowooza, olaba, olaba, oba Akasengejja k'omukazi alowooza, bw'aba mukazi. Kale. Naye, olaba, ekibi kiri ku luggi.

187 Kaakati weetegereze ekyo kye kyakola Kayini, kigenda kukola ekintu kye kimu ne leero. Kayini kyamuviiramu okuvaawo, nga omwonoonyi ayonoona mu bugenderevu. Yajeema kagenderere. Buli muntu bw'atyo bw'ajja okuba. Yajeemera ddala mu bugenderevu nga amaze okulaba obubaka bwa Abeeri nga Katonda abukakasizza, okuba amazima, naye n'agaana okukola kye bwali bugamba. Yakola ekintu kye kimu. Era bwe yakikola n'asukka omusittale ogwawulamu.

188 Waliwo omusittale gw'osobola okusala. Ekyo mukimanyi, si bwe kiri? Kati, abaweereza, abali wano n'abo abayungiddwa ku—lukomo lw'essimu luno okwetooloola eggwanga, ekyo mukitegeera? Bw'okiraba nti ddala Kyawandiikibwa, naye ate n'ogaana okukikola, Katonda tajja kubeera nga...Ajja ku... Weewaawo, ojja kugenda mu maaso, oweebwe omukisa. Bwe batyo n'Abaisraeri bwe baali, baabeerawo bulungi mu ddungu, ne bakuza abaana, ne balima ebirime, ne baweebwa omukisa,

na buli kimu kyonna, naye "buli omu ku bo yayawukanyizibwa ne Katonda Emirembe egitaggwaawo." Bw'atyo Yesu bwe yagamba. O, weewaawo, Katonda ajja kukuwa omukisa weeyongere okuyitimuka, naye nga tolina lugendo. Mazima ddala. Kati ekyo Bayibuli ky'egamba, ekyo kye Yayogera. Mwekkaanye, osobola okusala omusittale ogwawulamu. Ekyo mukikkiriza? Kayini yagusala.

189 Leka—leka tubikkuleko wano katono, nnina wano Abaebbulaniya 10:26. Leka tulabe oba nsobola okukifuna mu bwangu ddala. Ekitabo ky'Abaebbulaniya, essuula ey'e 10 ne. . . Nzikiriza, olunyiriri olw'a 26. Nkirina wano nnakiwandiise. Muŋŋumiikirizeemu katono, bwe muba musobola, tusooke tukisome. Kale, kiikino nkifunye.

> *Kale bwe tugenderera okwonoona nga tumaze. . . okuweebwa okutegeera amazima, tewasigaddeeyo nate ssaddaaka* olw'ekibi,
>
> *Wabula okulindirira n'obuti omusango, n'obukambwe obw'omuliro ogugenda okwokya* omulabe.

190 Ekyo kiri BWE KITYO BWE KIGAMBA EKIGAMBO KYA KATONDA EKITUKUVU. Bwe tugaana kagendere okukkiriza nga tumaze okukiraba wamu n'okukiwulira, tuba tusaze olukoloboze. Era kiba tekirikusonyiyibwa, obeera osaze olukoloboze.

Oyinza okugamba nti, "O, naye ate Katonda akyampa omukisa." O, weewaawo.

191 Jjukira Israeri, *abaakoma ku nsalo*, Katonda bwe yabawa ekisuubizo, okugenda mu Nsi Entukuvu, e. . .mu nsi, yali nnungi, nga erimu amata n'omubisi gw'enjuki, naye Musa bwe yasindika Kalebu ne Yoswa, n'abakessi, okugenda, bakette ensi, baagenda era baakomyawo obukakafu obutabuusibwabuusibwa, ekkumi ku bo baagamba nti "Tetusobola kugirya, tetusobola, tunuulira obuzibu obutwolekedde, tujja kuba bazoole, mutunuulire obw'okulwanyisa bwe tulina bwe tugenda okukozesa okulwana, mutunuulire ne bye balina, te—tetusobola kugirya, tetusobola kugirya."

192 Yoswa ne Kalebu ne bagamba nti, "Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya, Katonda yakola ekisuubizo."

193 Era kati, mujjukire nti, baddayo emabega. Ekyo kyali Kadesubaneya. Ne bakyuka ne badda emabega ne bafuuka emmomboze mu ddungu. Bonna ne bafa, era ne bazikiririra ddala Emirembe egitaggwaawo. Bw'atyo Yesu bwe yagamba.

194 Tekakutanda n'osala olukoloboze olwo olwawulamu, okiraba. "Bw'otegeera ekituufu ky'olina okukola, n'otakikola, obeera oyonoonye."

195 Isiraeri nabo baakola ekintu kye kimu. Bwe baalaba Musa nga akakasiddwa, naye ne bakkiriza Balamu okubafuuyirako obutwa, okufuuyira Ensigo eyo ey'omuwendo eyali ekakasiddwa. Musumba, togezangako (yadde) okubaako ekintu kyonna ky'oyogera ekikontana n'Ekigambo kino. Laba Balamu, yali nnabbi, era yalaba Ensigo ya Katonda nga ekakasibwa. Naye nga ali wansi w'ekibiina kye eky'eddiini eky'ekitalo mwe yali, Mowabu yalaba ekibinja ky'ababungeeta abaagala okuyita mu nsi yaabwe, n'abafuuyira obutwa, n'agamba nti, "Naye, musooke mulindeko. Ffenna tuli Bakristaayo. Ffenna tuli bakkiriza. Eky'amazima, bajjajjaffe ne bajjajjammwe be bamu. Tetuli baana ba Lutti? Lutti teyali mujjwa wa Ibulayimu? Ffenna tetuli bamu? Muleke tufumbiriganwe."

196 Era Israeri, nga Kaawa mu lusuku Adeni, bwe yakkiriza Ssetaani okumufuuyira, ne ku mulundi guno yafuuyira Israeri nga ayita mu nnabbi ow'obulimba. Nga ate, nnabbi omutuufu yali mu makkati gaabwe, n'Ekigambo ekikakasiddwa. Naye nga akozesa entegeera ey'amagezi ag'obwongo, yabafuuyira. Mukirowoozeeko. Kati, tekyasonyiyibwa, ekibi ekyo tekyasonyiyibwa.

197 Ensigo zaavunda ziri mu lugendo lwennyini mwe zaalina okuba, nga zigenda mu nsi ensuubize. Buli omu ku bo yazikirira n'okuvunda n'avunda, nga bali mu kkanisa mwennyini, we baalina okuba, nga bagoberera Katonda. Ne baleka Ssetaani n'abafuuyirako obutwa bw'amagezi ag'obwongo, n'obuyigirize, n'endowooza ey'amagezi ag'obwongo, nga bw'abagamba mbu, "Naye, ffenna ffe bamu, ffenna tuli baana ba Katonda." Temuli! Naye yaleka omusomesa oyo ow'obulimba n'abafuuyira endowooza y'Ekigambo eyo ey'amagezi ag'obwongo gye yalina.

198 Era nga Akakiiko akataba Enzikiriza bwe kakola mu kaseera kano kennyini, mukiraba, ekintu kye kimu mbu, "Naye, ndaba fenna tujja kwegatta wamu mu kibiina kimu eky'amaanyi." Enkola yammwe yonna ey'ebibiina ya ssetaani. Ke kabonero k'ensolo, mu Bayibuli. Nja kukafulumyako ekitabo, mu bbanga eritali lya wala, nga Mukama ayagadde.

199 Mulabeeyo, mu biseera bya Nuuwa, bwe baalaba Ekigambo nga kiwedde okuzimbibwa, kigenda okuseeyeeya. Kino leka nsooke mbeeko ne kye nkyogerako, Ekigambo okugattibwa awamu okusobola okusitulibwa okuva ku nsi okugenda mu bbanga. Ekyombo baakiraba nga kiwedde okuzimbibwa; naye olw'endowooza zaabwe ez'amagezi ag'obwongo, Nuuwa, baamutema bukule, bwe yali alagula ku biseera eby'enkomerero. Naye kiki. . . Ekyombo ekyo kyali kikoleddwa mu Kigambo kya Katonda, nga kisiigiddwaako envumbo y'okusaba n'okukkiriza, munda ne ku ngulu. Enkuba bwe yatonnya, endowooza zonna ez'amagezi ag'eddiini zaafa era ne zivuundira ddala wakati mu. . . mu makanisa gaabwe mwennyini, ku nsi kwennyini.

Ekyombo ne kiseeyeeyeza waggulu waabyo byonna. Ensigo ya ssayaansi eyafuuyirwa yavundira mu musango mwennyini.

200 Naye kati, ddala kiki kye tugezaako okukola? Tugezaako kusimba kkanisa yaffe oba tugezaako kusimba Kigambo kya Katonda? Kiki kye tugezaako okukola? Kiki kye tulafuubanira? Tugezaako okukomyawo abantu mu Kino? Kaawa ono ow'ekitalo kiki ky'agezaako okukola mu nnaku zino ez'oluvannyuma, ekkanisa eno Kaawa?

201 Kaakano ŋŋenda kuwunzika amangu ddala, ow'oluganda, kubanga obu—obudde bugenze. Mumpeeyo eddakiika endala nga kkumi na ttaano, nja kukoma ku Byawandiikibwa byange—byange bino wano. [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Weewaawo, genda mu maaso."—Omuk.] Weewaawo. Kirungi. Nkimanyi. Kati, oba oly'awo waliwo abaagala okuyingira balongoose. Naye nkyalemeddwa okulekera awo. Leka nnyanguyeeko. Kale.

202 Mulabeeyo, Kaawa wa leero ow'ekitalo owa ssayansi, n'obuyigirize, maleeto, ayitibwa ekkanisa, kiki ky'agezaako okukola? Agezaako kugulumiza Kigambo kya Katonda, ate n'aleka abantu ne bakola nga bwe bakola? Tebakozesa Kasengejja ka muntu alowooza, manyanga, Kasengejja ka Katonda. Laba ebibavaamu. Beegulumiza ku bwabwe nga bo. Ekkanisa eri, mu mbeera yaayo nga ensigo eyaziŋŋama olw'enteekateeka yaayo ey'amagezi, ereetedde oluse lwonna obutamanya Kigambo kya Katonda olwa ssaayansi. Kati ensonga ezo ŋŋenda kugenda nzikoonako bukoonyi, sigenda kuzirwako nnyo, tusobole okumaliriza. Bali mu butamanya olwa ssaayaansi! So nga Katonda, ali wano wennyini ku nsi, nga akola ebintu by'Akola, okuyita mu Kigambo Kye ekyasuubizibwa, naye bakisambajja ne bakiziimuula kubanga bali mu butamanya olwa ssaayaansi. Bali mu butamanya olwa ssaayaansi!

203 Mbadde mmwenyaamu olw'ekyo Ow'oluganda Williams, ky'awandiise wano ku lupapula n'aŋŋamba nti, "Osobola okukimalako olw'eggulo lwonna," oba ekintu bwe kityo. Naye, ekyo nkisiima, ekyo kirungi nnyo. Mukiraba?

204 Naye abantu ba—boonoona kagenderere. Kino kitadde—enkola y'ekkanisa yonna leero mu kwonoona mu bugenderevu eri Katonda. Kyokka nga, ka zibeere mpisa eza bulijjo zikakasa nti Ekigambo ekyo kituufu. Kale. Ekibikkako eky'okwaka kyamuziba amaaso, obutalaba Kigambo kya Katonda, n'addamu ne yeesanga nga ali bwereere. Mumanyi, Katonda, mu Kubikkulirwa 3, yagamba nti, "Jangu, ogule gye Ndi eddagala ery'okusiiga ku maaso, amaaso go galyoke gazibuke." Mukiraba, Eddagala ery'okusiiga ku maaso kye Kigambo Kye.

205 Omanyi, bajja kukugamba mbu, "Naye, omusajja ono yasoma okumala emyaka amakumi ana, okusobola okufuna

ddiguli z'alina. Alina ddiguli ya B.L.D., n'eya D.D., ne zino zonna."

206 Ekyo mumanyi Yesu kye yakyogerako? Yagamba nti, "Omuntu yeefiirize yekka byonna by'ali." Pawulo yakikola.

Oyinza okugamba nti, "Ekyo si kye kitegeeza."

207 Kale, bwe kiba si kye kitegeeza, olwo lwaki Pawulo yakigoberera? Yagamba nti, "Ssajja gye muli na bigambo eby'amagezi ag'obuntu ebisendasenda, kubanga essuubi lyammwe mwandirizimbye ku ebyo. Naye nnajja gye muli mu maanyi ne mu kulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ekigambo kyammwe ki . . . okukkiriza kwammwe kuzimbibwe ku Kigambo kya Katonda, so si kulabisibwa kwa magezi."

208 Abantu balinga abatakyalina mpisa na buntu bulamu. Tebakyali nga edda. Luli kyali nti, nnabbi bwe yagambanga nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," nga abantu bakankana. Weewaawo, mazima ddala baakankananga. Abantu baakomebwangako, kubanga baabanga batidde. Naye leero tebakyakitya yadde. Tebatya Katonda.

209 Sulemaani yagamba nti, "Mu—mu kutya Katonda amagezi mwe gasookera," mwe gasookera.

210 Naye nnabbi asobola okwogera BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, abantu ne bagamba nti, "Ebyo temuli makulu!" Mukiraba, awo babeera tebakyalina kakisa kalala konna. Kiri, bagamba mbu, "Ffe, tuli bagezi. Tuli bakenkufu, ebyo tetulina kye tubyetaaza! Kye twogerako tukimanyi!"

211 Waliwo n'enjogera ey'edda, egamba nti, "Abasirusiru nga bambadde engatto eziriko obusumaali, basaalimbira Bamalayika we batya okulinnya." Mazima ddala.

212 Kaakati, okukyusibwa kye kiki? (Mu bwangu ddala.) Tukufuna tutya? Kiki ekireeta okukyusibwa? Katonda y'akuleeta nga akozesa Omwoyo w'Ekigambo Kye. Y'akyuusa. Asiga Ensigo Ye, n'Agissaako Omwoyo We, n'Ebala ekibala. Omwoyo We Omutukuvu akyusa Ensigo Ekigambo ne kikakasibwa mu ekyo kyennyini kye Kiri.

213 Ekika ky'ensigo ky'oli, kye kiraga kiki ekikulimu. Tosobola kukikweka. Kyonna ky'oli munda, kirabikira ku ngulu. Tosobola kukyebeera. Omuti ogwo toyinza kugufuula kintu kirala kitali ekyo kye guli. Okiraba, gu—gujja kubeera ekyo kye guli. Omwoyo Omutukuvu akyusa ensigo eziguli munda. Ne bw'ebeera nsigo kika ki, Ajja kugikyusa. Bw'eba nsigo mbi, ejja kuzaala bubi. Bw'eba ya bunnanfuusi, ejja kuzaala bunnanfuusi. Bwe kiba Kigambo kya Katonda kyennyini ekya nnamaddala, Kijja kuzaala omwana wa Katonda ow'obulenzi oba ow'obuwala, okuyita mu Kasengejja ak'omuntu alowooza. Ensigo bw'emeruka, mu Ako mw'Eyita, Ezaala omwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala.

214 Lumu ensi bwe yali mu kizikiza nga yeetabudddetabudde, Katonda . . . Kati muwulirize n'obwegendereza, kubanga tetujja kwogera . . . tugenda kweyongerayokko katono. Mulabeeyo. Lumu ensi nate era bwe yali mu madiini aga buli ngeri, okunaaba mu ngalo, okwoza entamu, okwambala amaganduula ag'enjawulo ne bu boneti ku mitwe, n'ebirala, yali mu kavuyo akatagambika. Isiraeri ya Katonda eri nnakabala baali baakyamizibwa ne bava ku mateeka n'ebiragiro bya Katonda, Yesu yagamba nti, "Mmwe, n'obulombolombo bwammwe, mufuula Ekigambo kya Katonda okuba ekitalina maanyi eri abantu, olw'obulombolombo bwammwe." Kati bw'obatunuulira be bakabona abatukuvu, nga bwe babayita; naye Yesu yabagamba nti, "Muli ba kitammwe, ssetaani, era mukola mirimu gye." Mukiraba, ky'ekyo kyennyini kye yayogera.

215 Kati ensi bwe yali mu katuubagiro bwe katyo, Omwoyo wa Katonda yaddamu nate n'atambula ku Nsigo eyali yayawulibwa edda. Yavvuunula era n'akyusa ekisuubizo Kye ekya Isaaya 9:6; Ye, Katonda, n'ayambala omubiri gw'omuntu, okusobola okulokola ekiseera ekyo eky'akavuyo. Kubanga omuntu yali yakolebwa mu kifaananyi kya Katonda, ate wano Katonda n'ajja, nga nnabbi yakiraba nga tekinnabaawo . . . Kati mujjukire nti Ekigambo, nnabbi yakiraba nga tekinnabaawo, nnabbi y'omu yennyini eyalaba Ssetaani mu nnaku zino ez'oluvannyuma, mulaba, n'alaba enteekateeka ze ez'eby'obuyigirize n'ebintu by'alina, enteekateeka z'eddiini. Nnabbi y'omu, Isaaya 9:6, yagamba nti, "Omwana atuzaaliddwa ffe, Omwana ow'obulenzi atuweereddwa; era Erinnya Lye aliyitibwa 'Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Katonda ow'Amaanyi, Kitaffe Ataggwaawo.' N'obwakababaka Bwe tebuliggwaawo." Era Ekigambo ekyo Kigambo kya Katonda. Era Omwoyo yatambula ku Kigambo ekyo, ne Kibumbibwa mu lubuto lw'embeerera. Amiina. "Omwana atuzaaliddwa," tatondeddwa, "wabula azaaliddwa."

216 Ssetaani era yaddamu n'agezaako emirundi n'emirundi, okukifuuyira obutwa. Yamulinnyisa waggulu n'amugamba nti, "Bw'oba ddala Oli ekyo ky'ogamba nti ky'Oli, kale baako wano ne gw'owonya. Nkakasa nti ddala Osobola okukikola. Kyusa, omugaati guno, n'amayinja gano gafuuke omugaati. Buuka tukulabe, kubanga Ebyawandiikibwa bigamba nti Ojja kukikola."

217 Mulaba emizimu egyo egy'ekinnaddiini leero nga gyogera ekintu kye kimu? "Okuwonyezebwa okw'Obwakatonda bwe kuba ddala gyekuli; Ow'oluganda *Gundi* wuuno wano, leka tukulabe nga omuwonya."

218 Ssetaani y'omu oli eyayimirira ku musaalaba gwa Yesu, n'agamba nti, "Bw'oba Ggwe Mwana wa Katonda, kale weewanule ove ku musaalaba."

219 Ekigambo kyagamba Ye Mwana wa Katonda. Omwoyo yakakasa nti Ye Mwana wa Katonda. Isaaya 9:6 yatuukirizibwa. Era luli akawungeezi, bangi ku mmwe abaali bawuliriza ku leediyo mwawulira bwe twawa Ebyawandiikibwa ebiwerera ddala, nzikiriza kyenkana, nkaaga n'omusobyo, okukakasa nti Ebyawandiikibwa bitegeeza nti Ye yali Ye.

220 Ha, Ssetaani yagezaako emirundi n'emirundi, okukola buli kimu. Lumu ekiro, bwe yali agalamidde emabega mu lyato, yamulaba nga Yeebase. N'agamba nti, "Ku luno ŋŋenda kumuzikiririza wano wennyini." Naye teyayinza kukikola.

221 Yagezaako okumukema amukozese ekikyamu, naye teyayinza kukikola. Lwaki? Yali yafuuyirwako eddagala eritangira ery'okuteekerwateekerwa. Tebayinza kulimbibwa. Nedda, nnedda. Ekigambo kyagamba Wa kubeera wano. Amiina. Tewali muzimu gwonna guyinza kumuziyiza, era tewali mwana wa Katonda mulala, yayawulibwa okutwala kifo Kye. Yafuuuyirwako eddagala eritangira ery'okuteekerwateekerwa. Obutwa bwa Ssetaani, ba dokita b'ebibiina by'amadiini tebirina we biyinza kumukwatirako yadde. Yeeyongera bweyongezi mu maaso, tewali kigenda kumuziyiza, mukiraba. Tebirina kye byamukolako yadde.

222 "Kale, ŋŋenda kukufuula omulabirizi w'ensi yonna. Nze ngifuga. Singa onakkiriza n'Onsinza, n'ojja ne weegatta ku kibinja kyange, Ye ggwe gwe nna—nnaafuula omufuzi. Nze nja kuva ku bufuzi, mbukuwe Ggwe aba afuga."

223 N'amugamba nti, "Dda ennyuma Wange, ggwe Ssetaani. Kyawandiikibwa nti, 'Onaasinzanga Katonda, Ekigambo, era Ye yekka gw'onaaweerezanga.'" Kati lwali lumu . . .

Ku Muntu ono omukulu, nnandyagadde mmulweko.

224 Naye lwali lumu, Omwoyo n'addamu n'amukkako; kubanga waaliwo Ekigambo ekyali kyamuwandiikibwako, ekyava ewa Katonda, nga kiyita mu nnabbi nga kigamba nti, "N'atwalibwa eri omussi, nga omwana gw'endiga." Omwoyo n'amukkako, n'amukulembera, n'amutwala ku musaalaba gw'e Kalivaaliyo. Era eyo gye yafiira. Era buli kimu ekyamwogerwako mu kufa Kwe, kyatuukirira, okusobola okuleeta Omusana n'Obulamu eri buli Nsigo ya Katonda yonna eyateekerwateekerwa eyali ku nsi. Yaleeta engeri y'okukikolamu. *Yiino* wano Ensigo, Omwoyo aleeta Obulamu; n'akyusa abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, okubajja mu nsi mu kavuyo kano akakutte ekizikiza, bakyusibwe bafuuke abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala.

225 Ekigambo ekyo "okuteekerwateekerwa" kireme kubeesittaza. Nkimanyi kibeesittaza. Naye, muwulirize, si kigambo kyange. Kiri kitundu ku Bigambo bya Katonda. Mwandyagadde okukisoma, musome Abaefeeso 1:5, awagamba

nti, "Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo." Mukiraba?

226 Leka nkimenyeemenye mu budakiika butono, mu, mangu nnyo, kisobole okuva mu birowoozo byammwe. Mulabeeyo. Nga bwe wali mu kitaawo, ku lubereberye, nga akaweke akasirikitu ak'obulamu. Ekyo mwenna, mubadde mukimanyi? Wali ne, mu jjajja wa jjajja wa jjajja wa jjajjaawo, ekyo obadde okimanyi?

227 Soma Ekitabo ky'Abaebbulaniya, we tukisanga nti Leevi yasasula ekimu eky'ekkumi bwe yali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu, emirembe ena nga tannabaawo. Ibulayimu bwe yasasula ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki, kyabalibwa ku muzzukulu we nnakabirye, era yali mu ntumbwe za Ibulayimu mu kiseera ekyo. Kiikyo. Mukiraba?

228 Wali mu ntumbwe za kitaawo, naye kitaawo yali tasobola kussa kimu naawe okutuusa nga okyusiddwa n'oyambala omubiri ogw'ennyama.

229 Mutabani wange oyo ali awo yali mu nze. Na—n—nnayagala mbeere n'omwana ow'obulenzi, naye ate yali mu nze. Mukiraba? Yali mu nze mu kiseera ekyo. Naye okuyita mu kufumbiriganwa, yafuuka omuntu nga nze, olwo n'afaanana nga nze.

230 Naawe wafaanana bazadde bo, okiraba, kubanga wasangibwa, kikulimu. Kati bwe tuba tuli baana ba Katonda, embala Ze ezaamulimu. . . Nga, naawe oli mbala ya kitaawo, si ya maama wo; wabula kitaawo. Akaweke ak'obulamu kabeera mu taata. Okiraba? Kati maama wo kye kyuma ekyalula ekyakuzaala, ekyetikka ensigo ya kitaawo. Okiraba?

231 Kale n'ensi, mu mubiri, lye jjalulizo eryetikka ensigo ya Katonda. Mukiraba, mazima ddala. Tetutendereza nsi, nti ensi nga nkulu okukamala; naye tutendereza ne tugamba nti nga mukulu oyo Katonda eyagikola. Olaba? Olaba?

232 Kati bw'oba oli mwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala, kitegeeza wali mu Katonda ku ntandikwa. Oli mbala Ye. Bw'oba tewamuliimu mu kiseera kiri, kitegeeza tewaaliyo oba tolibaayo.

233 Kubanga, okuva mu ntumbwe zange, siyinza kuzaalira, musajja *ono* mwana oba omusajja *oli*, nsobola kuzaala baana bange bokka, era babeera banfaanana. Aleruuya. Mukiraba?

234 Abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala baali mu Katonda ku ntandikwa. Kaakati mulabeeyo. Olina Obulamu Obutaggwaawo, nga bw'ogamba. Tukikkiriza, nti tulina Obulamu Obutaggwaawo. Naye, waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era nga ye Katonda. Kye kintu kyokka Ekitaggwaawo, ye Katonda. N'olwekyo bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, kitegeeza Obulamu obwo obukulimu bwasangibwa bukulimu, era wali mu ntumbwe za Katonda nga n'ensi tennabaawo. Kati n'Ekigambo Kyennyini . . .

Yesu Ye kennyini ayitibwa Kigambo, era mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 1, wagamba nti, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli." Kitegeeza wali mu ntumbwe za Yesu, era wagenda naye e Kalivaaliyo. Wafa Naye, era wazuukira Naye. Era leero tutudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Ye, nga tujjudde Omwoyo We, abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Twafa Naye, ne tuzuukira Naye. Mazima ddala.

235 Kati awo, kati, kati osobola okussa ekimu Naye. Mu kiseera kiri wali tosobola, kubanga wali okyali Kigambo mu Ye, wali nsigo. Naye kati Akuleetedde okuba nti olabikako, era kati Ayagala osse ekimu Naye. N'olwekyo Yakka wansi, n'ayambala omubiri asobole okussa ekimu naawe mu ngeri etuukiridde. Mulaba okussa ekimu okutuukiridde? Ha, bannange, ebyama bya Katonda eby'obuziba! Nga biyitirivu obulungi! Mukiraba, Katonda yali tasobola kussa kimu naffe mu Mwoyo, n'olwekyo Katonda yafuuka omuntu nga ffe.

236 Yesu Kristo yali Katonda Mwene, nga alabisiddwa, kubanga, Yali Mwana kubanga Yazaalibwa, naye eyo yali weema Ye gye yalina okubeeramu. "Tewali muntu yali alabye ku Katonda wonna wonna, wabula Oyo omu yekka eyazaalibwa Kitaffe y'amutegeeza." Katonda yeezimbira ennyumba, omubiri ogw'okubeeramu, n'akka wansi osobole okumukwatako. Timoseewo Ekisooka 3:16, "Era awatali kukubagana mpawa, ekyama ky'Obwakatonda kikulu nnyo; kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri, n'alabibwa Bamalayika, n'akkirizibwa, n'atwalibwa mu Ggulu." Mukiraba? Kati Ya . . .

237 Kati nga bw'oli omubiri, nga Naye mubiri, kati osobola okussa ekimu naye, kubanga Ye yali embala ya Katonda ey'okwagala. Katonda kwagala. Si bwe kiri? Kati Yesu yali mbala ya Katonda ey'okwagala. Era embala ey'okwagala bwe yalabisibwa, nga, oyo yali Katonda Mwene; embala zonna ezaamulimu, zajja gy'Ali, "Bonna Kitange be yampa, balijja gye Ndi." Weewaawo, baalina okuba nga baateekerwateekerwa. Bw'oba tewateekerwateekerwa, toyinza kubaayo. Ky'ekyo. Mazima ddala.

238 Kati tusobola okussa ekimu, okuyita mu—mu bugagga obw'Ekigambo Kye, ate nga oli kitundu ku bugagga obwo. Oli kitundu ku Kigambo; kubanga Ye yali Kigambo ku lubereberye, ate kati ggwe Kigambo. Okiraba? Ŋŋenda kubuulira akawungeezi ka leero, oba ku Ssande oba olumu ku nnaku ze nnaabeera wano, ku kiki Ekigambo kye kiri, olaba. Era kati oli kitundu ku Kigambo.

239 Muwulirize. Waliwo ekintu kimu kye ssiyinza kukola. Siyinza kwenyumiririza mu bajjajjange. Nedda, nva mu bantu abatabangufu okukamala. Kitange yali Mwayirisi.

Mmange yalimu omusaayi gw'Abayindi bannansangwa, omu ku bamuzadde be yali Muyindi nnansangwa; maama we yali Muyindi nnansangwa, abaafunanga pensoni. Kati, bonna baali banywi ba mwenge, abasinga ku bo baafa bambadde engatto zaabwe, baali balwanyi, abalwanyisa emmundu, n'ebirala bye baali. Siyinza kwenyumiririza mu kintu nga ekyo, kubanga bajjaajjange n'ebyafaayo by'ewaffe bibi nnyo.

240 Naye, ow'oluganda, waliwo ekintu kimu kye nsobola okwenyumiririzaamu, nsobola okwenyumiririza mu Mukama wange Yesu Eyannunula. Era olw'amaanyi Ge agakyusa yasiga ensigo, olw'okwawulibwa, era ne ngiraba. Kati ndi mwana w'ani? Weewaawo. Nsobola okumwenyumiririzaamu. Era mmaze emyaka asatu mu esatu egy'obulamu bwange, nga mmwenyumiririzaamu. Singa Annyongerayo emyaka emirala asatu mu esatu, nja kweyongera okumwenyumiririzaamu. Okiraba? Nsobola okwenyumiririza mu Jjaajja wange, aleruuya, Oyo eyannunula era n'asiga ensigo y'Obulamu munda *wano*, n'anzikiriza okutunula mu Kigambo kino, n'atuma Omwoyo We n'ajja n'aŋŋamba nti, "Kiikino wano. Yogera *kino*, kijja kubaawo. Kola *ekyo*." Era ha, bannange, nsobola okumwenyumiririzaamu! Yakikola atya? Okuyita mu kunaaza nga akozesa amazzi ag'Ekigambo, amazzi ag'okwawula. Ssinga tubadde tusobola okugannyonnyola.

241 Abakkiriza ab'amazima abaayawulibwa bajja kusigala n'Ekigambo kubanga bali kitundu ku Kigambo ekyo.

242 O, mmwe emmunyeenye ezibungeeta, mulituusa wa okubungeeta? Mmwe Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, ab'ebweru, kyonna kye muli, mmwe emmunyeenye ezibungeeta, okuva mu kkanisa emu okudda mu ndala, okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala, okuva ku ttivvi emu okudda ku ndala, okuva mu nsi emu okudda mu ndala, lwaki temujja? Ayaayaana okussa ekimu naawe. Akuyaayaanira. Ayagala kukukyusa okuyita mu kuzza obuggya endowooza yo, si kugizza buggya eri ekkanisa oba ekibiina ky'eddiini, wabula eri Ekigambo Kye, ekyo, ky'oli ekitundu ku kyo bw'oba olimu okuyaayaana okwo.

> *Balina omukisa* abo *abalumwa enjala n'ennyonta* ku *lw'obutuukirivu: kubanga balijjuzibwa*. (Okiraba? Uh-huh.)

243 Era Asindise amaanyi Ge agakyusa, okukuggya mu kuziŋŋamizibwa kw'eddiini kuno kw'olimu. Mu mivuyo gino egiziŋŋamya gye tulimu, Katonda asindise amaanyi Ge agakyusa, Ekigambo Kye, nga kikakasiddwa, kigezeseddwa, okukuggya mu kuziŋŋamizibwa kuno okw'eddiini okw'obutamanya kw'otambuliramu nga, "oli bwereere, oli muzibe w'amaaso, oli munaku, naye n'okukimanya tokimanyi." Mukirowoozeeko, mikwano gyange.

244 Omanyi Katonda yasindika amaanyi Ge agakyusa okutuukiriza Ekigambo Kye, era n'akyusa emibiri gyonna mu bulamba ogwa Saala n'ogwa Ibulayimu. N'abakyusa okuva mu kubeera omusajja omukadde n'omukazi omukadde, kubanga Yasuubiza nti Alikikola.

245 Era ekyo Katonda ky'asuubiza okukola, Ajja kukikola. Tewali kintu, kyonna,. . .Ekintu kyonna ekyakyamizibwa, Katonda talina ky'ayinza kukikozesa. Naye Ajja kukuuma Ekigambo Kye, era Ajja kusindika Omwoyo We! "Nze Mukama nze nnakisimba. Nnaakifukiriranga amazzi emisana n'ekiro, omuntu yenna aleme okukisikula mu mikono Gyange." Ekyo Bayibuli ky'egamba.

246 O, mmwe emmunyeenye ezibungeeta, ggwe alina okuyaayaana mu mutima gwo! Muteekwa okuba mukulina, kubanga temwandibadde nga mutudde wano enkya ya leero. Era temwandibadde mu makanisa ago n'ebifo ebikuŋŋaanirwamu, n'ebintu ebyo bye mulimu, eyo yonna gye muli, singa tewaali Kintu kyabatwalayo. Waliwo omuntu eyayogera gy'oli. Teweeyongerayo. Waliwo okunaazibwa kw'amazzi ag'Ekigambo, okunaabafuula abeeru nga omuzira. Ha, abaana ba Katonda, muwulirize! Temusigala mu kuziŋŋamizibwa okwo. Mukufulumemu. Ibulayimu yakkiriza Katonda, n'ayita buli kimu ekyali kikontana . . .

247 Weebuuza nti, "Nnaabeerawo ntya? *Kino* nnaakikola ntya?" Ogwo mulimu gwa Katonda. "Nnaayinza ntya? Be nkolagana nabo bajja kunvaako."

248 Katonda yagamba nti, "Oyo alireka kitaawe, nnyina, mukyala we, omwami we, amaka, amayumba; Ndimuwa amaka n'amayumba, Ndimuwa ba taata ne ba maama, ne baganda be ne bannyina, mu nsi eno, wamu n'Obulamu Obutaggwaawo mu nsi egenda okujja." Kisuubizo, mukwano gwange. Ekyo, oo, ekyo kirina okufukirirwa! Buli kisuubizo Katonda ky'akola kituukirira. Buli nsigo ya Katonda kisuubizo.

249 Ate ggwe, mwanyinaze, enviiri ezo lekera awo okuzisalako, kubanga tekisaana mu maaso ga Katonda. Lekera awo okwambala engoye ezo, za muzizo gy'Ali!

250 Mmwe ab'oluganda, mmwe abasajja, mulekere awo okuwagira ebibiina by'amadiini bino, nga mukola ebintu bino, nga muganya bakazi bammwe okukola ebintu nga ebyo. Tebisaana eri Abakristaayo.

251 Mukomeewo eri Ekigambo! Mutwale Ekigambo ekyo, Kijja kukula. Kiteekwa okukula. Amaanyi ga Katonda agakyusa agaakireeta mu kusooka, Ali mu kkubo Akomawo, okukizzaayo nate. Addayo wali wennyini we kyali.

252 Enoka yawaanyisibwa, n'atalaba kufa, nga awaanyisibwa amaanyi ga Katonda agakyusa. Ekyo Katonda yakola kyaki?

Yakikola okulaga ekirikolebwa eri Ekkanisa ejja egenda okukwakkulibwa. Weewaawo. Ne Eriya bwe gwali.

253 Omubiri gwa Yesu gwafuulibwa mulamu nga gumaze kufa. Era mu ntaana, Kigambo kya Katonda kye kyafuula omubiri gwa Yesu omulamu; ne gukyusibwa, okuva mu kifaananyi ekifu, ekinnyogoga, ne gufuulibwa Omwana wa Katonda, eyazuukira era ow'ekitiibwa. Kubanga nnabbi, Zabbuli 16:10, bw'oba oyagala okukiwandiika, 16:10, yagamba nti, "Ssirireka mmeeme Ye magombe, wadde okuleka Omutukuvu Wange okulaba okuvunda." Ai Katonda!

254 Ekigambo ekyo kiteekwa okutuukirira, Kigambo kya Katonda! Kisimbe mu mutima gwo, bw'oba oyagala okugenda mu Kukwakkulibwa. Bwe muba mwagala okuba Abakristaayo aba nnamaddala, muteekeemu Ekigambo kino. Nga nzikiriza yali Ezekyeri, Katonda gwe yagamba nti, "Kwata omuzingo ogwo ogulye," nnabbi n'Ekigambo basobola okufuuka ekimu. Era buli kisuubizo ekiri munda omwo kiteekwa okweyoleka, kubanga Nsigo ya Katonda nnakabala. Tokkirizanga omuntu yenna eyasomerera eby'eddiini okugezaako okukikuggyamu. Tomuganya kukufuuyira magezi ago ag'omubiri aga ssaayansi, n'obuyigirize. Kkiriza Katonda!

255 Ibulayimu teyatwala kunoonyereza kwa ssayaansi okw'omu biseera bye, kugamba mbu, "Mpitiridde obukadde ssisobola kuzaala mwana, mpedde ku mpagala. Nkoze *kino, kiri*, na *kiri.*" Naye yayita ekintu kyonna ekyali kikontana, n'Ekigambo kya Katonda, nga ekitaliiwo. Era teyasagaasagana ku kisuubizo kya Katonda, mu butakkiriza; wabula yali munywevu, nga atendereza Katonda. Yakimanya nti Katonda yali asobola okukola ekyo kye Yali yasuubiza.

256 Ha, mmwe abaana ab'obulenzi ababungeeta, kalandalugo w'ensi eno be yaziŋŋamya! Bannyinnaze ababungeeta, ebifo n'emisono gy'ensi eno be gyawalula ne gitwala! Kati, mwannyinaze omwagala, oyinza okundaba nga nnamukadde eyeeyitiriza, naye lumu ku nnaku zino bw'olisisinkana Florence Shakarian kye yasisinkana ekiro kya luli; naye, yatuulanga mu kisenge kino, mu kifo kino, nga bwe mumanyi. Ekyo bw'olikisisinkana, olikitegeera nti, si nze, wabula Ekigambo kino kye kituufu. Weewale ebifo bya bakinyoozi ebyo gye basalira enviiri, n'amaduuka ago ag'eby'emisono. Weewale ebintu ebyo.

257 Bagenda ne baŋŋamba nti, "Lwaki tobayigiriza ebintu eby'amaanyi, n'engeri y'okukolamu *kino*?" Mutandike n'ennyukuta ezisookerwako eza ABC, oluvannyuma tunaatuuka ku kibalanguzo. Mukiraba? Musooke mutegeere ekigamba nti, "nga kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi."

Kye nvudde mbegayirira ab'oluganda olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo omubiri gwammwe,

ssaaddaaka ennamu, entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.

258 Mmwe mukole bukozi "okuweereza kwammwe okw'amagezi," ebisigadde Katonda anaabikola; mukiraba, ebyo by'osobola okutegeera nga ggwe n'obikola. Si kya . . . Si kya bwewussa omukazi okweyambula yenna, n'amaanyuuka atyo, nga Bayibuli ekivumirira? Si kya bwewussa omuntu okwebbika mu biyiiye nga bye tulina ensangi zino, n'ebintu bino ebirala bino byonna, n'ebintu by'amatendekero g'eby'eddiini bino byonna, n'ebiringa ebyo, nga ate bikontanira ddala n'Ekigambo kya Katonda? Okiraba?

259 Emimwa gya Isaaya, yali muntu owa bulijjo ow'emimwa egitali mirongoofu. Yagamba nti, "Mukama, mbeera mu bantu abatali balongoofu, era nnina emimwa egitali mirongoofu. Zinsanze nze kubanga ndabye Katonda." Malayika n'akka wansi, n'atoola Omuliro, Omuliro Omutukuvu okuva ku kyoto kya Katonda, n'akyusa emimwa gye; okuva mu kubeera emimwa gy'omuntu abungeeta, ne gifuuka emimwa gya nnabbi alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Amaanyi ga Katonda agakyusa!

260 Waaliwo abasajja kikumi mu abiri abavubi, ne—n'abakyala abatonotono abaatundanga, engoye ez'effulungu ez'abakazi, abo nabo baakuŋŋaana wamu mu kisenge ekya waggulu ne baggalawo enzigi, abamu ku bo nga tebalina yadde obuyigirize obusookerwako obubasobozesa okuwandika amannya gaabwe. Katonda yabakyusa okuva mu kubeera abavubi, ne bafuuka abavubi b'abantu; okuva mu kubeera abasajja n'abakazi ab'oku nguudo, ne bafuuka abatukuvu ba Katonda, abatafa. Amaanyi ga Katonda agakyusa!

261 Pawulo, mmemba w'ekkanisa ey'omu kitundu ekimu, Omupulesibeteriyani, Omumesodisiti, Omubaputisiti, Omupentekoote, oba ekirala kyonna; wuuyo n'aserengeta mu luguudo, nga ajjudde omwoyo ogw'obunyoomi mu ye, nga yeemanyi nga bw'amanyi ennyo okubasinga. Yali yakulira wansi wa Gamalyeri, omu ku bayigiriza abaali basingayo obulungi mu ggwanga. Kiki ekyamutuukako bwe yali agenda e Damasiko, okukwata ekibinja ky'abantu abaali bakkiriza Ekigambo kya Katonda? Bwe yali mu lugendo nga agenda, yakubibwa n'agawa wansi, era n'awulira Obubaka. Ne Bumukyusa okuva mu kubeera mmemba w'ekkanisa era agenda obugenzi mu kkanisa; n'afuuka nnabbi wa Katonda, eyawandiika Ekigambo kya Katonda, mu Ndagaano Empya. Okuva mu kubeera mmemba w'ekkanisa n'afuuka omutukuvu!

262 O, ggwe emmunyeenye ebungeeta, leka tukomye okubungeeta. Ggwe omwana abuungeeta, ggwe Ensigo ebungeeta nga eva eno edda eri, mu kuziŋŋamizibwa kuno; mukyuke, enkya ya leero, mmwe abaana. Mbeegayiridde

mumpulirize nga—nga omusajja agezaako okuyimirira wakati w'abalamu n'abafu.

263 Ebweru eyo mu ggwanga lyonna eri mmwe abawuliriza ku lukomo lw'essimu bwe muba mukyali ku mukutu, mmwe ababadde babuungeeta nga mudda eno n'eri, mbeegayiridde mweyongere okugira nga mukyakkalidde. Nkimanyi obudde buyise wano mu Tucson manya, munsonyiweko, mu Phoenix, wabulayo eddakiika abiri okuwera essaawa omukaaga. Era abantu bano mbatuuzizza wano okuviira ddala ku makya. Nnabalesezzaawo emirimu gyammwe n'ebirala. Naye labayo, mukwano gwange omwagalwa, oyinza okubeera ewala ne Katonda emirembe gyonna. Nkwegayiridde komawo enkya ya leero. T'okikole? Waliwo ekifo ku Nsulo.

Edda ennyo mu mmanvu, mmanyi nga ddala
bwe kityo bwe kyali,
Nti waaliwo Omwana eyazaalibwa okulokola
abantu okuva mu bibi byabwe.
Yokaana yamulaba ku lubalama, Omwana
gw'endiga abeerera emirembe gyonna,
O, Kristo, Eyakomererwa ow'e Kalivaaliyo.

O, njagala Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya, ow'e
Ggaliraaya,
Kubanga by'Ankoledde tebirojjeka.
Yansonyiwa ebibi byange byonna, n'ampa
Omwoyo Omutukuvu munda yange;
O, njagala, njagala Omusajja oyo ow'e
Ggaliraaya.

Lumu omuwooza w'omusolo yagenda okusaba
mu yeekaalu,
N'akaaba nti, "Ayi Mukama, onkwatirwe
ekisa!"
N'asonyiyibwa ebibi bye byonna, era emirembe
egitenkanika ne giyingira mu mmeeme ye;
Bwe yava awo n'ayita nti, "Mujje mulabe
Omusajja ono ow'e Ggaliraaya." (Mazima
ddala.)

Omulema yatambula, ne kasiru n'ayogera,
Era amaanyi ago ge gamu gaayogerwa
n'okwagala ku nnyanja;
Omuzibe yalaba, era mmanyi nti kyali
kisoboka kukolebwa
Maanyi ga Musajja Oyo ow'e Ggaliraaya
gokka.

264 Ekyo kigeraageranye n'obuweereza leero.

Omukazi oli eyali ku luzzi, Yamubuulira ebibi
bye byonna,

Nga bwe yalina abasajja abataano mu kaseera ako.
Omukazi oyo ebibi bye byonna byamusonyiyibwa, emirembe egitenkanika ne giyingira munda mu mmeeme ye;
N'aleekaana nti, "Mujje mulabe Omusajja ono ow'e Ggaliraaya!"

265 Nnyabo, Asobola okukola ekintu kye kimu. Ategedde ekiri mu mutima gwo enkya ya leero. Ssebo, Ategedde ekiri mu mutima gwo. O, ggwe omuwooza, leka tusabe!

O, njagala Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya, ow'e Ggaliraaya,
Kubanga by'Ankoledde tebirojjeka.
Yansonyiwa ebibi byange byonna, n'ampa Omwoyo Omutukuvu munda yange.
O, njagala, njagala Omusajja oyo ow'e Ggaliraaya.

266 Temunneegatteko ne tumwagala, enkya ya leero? O, gwe eyazaawa eyaddirira, abuungeeta, ali wano oba eyo yonna gy'oli, t'okkirize Mukama wange enkya ya leero? Ye Kigambo, era Ekigambo kireeteddwa gy'oli. T'omukkirize enkya ya leero? Yimusa emikono gyo oba oyimirire ku bigere byo, oba kyonna ky'osobola okukola, osabe, ogambe nti, "Njagala kumukkiriza mu kaseera kano kennyini. Ow'oluganda, ndi mwetegefu. Njagala kumukkiriza mu kaseera kano kennyini." Yimirira ku bigere byo, ggwe wenna ayagala okusabirwa, ogamba nti, "Ndi. . ." manyanga, ayagala okusabirwa, "Ndi mwonoonyi. Njagala. . ." Katonda akuwe omukisa, ssebo. Waliyo omulala yenna? Kaakano buli omu saba, okumala akaseera.

O, edda ennyo mu mmanvu eyo, (Mumanyi, nga kaali kavuyo, ensi yali mu kavuyo.) era mmanyi nga ddala bwe kityo bwe kyali,
Nti waaliwo Omwana omuwere eyazaalibwa okulokola abantu okuva mu bibi byabwe.
Era Yokaana yamulaba ku lubalama, Ye yali Omwana gw'endiga abeerera emirembe gyonna, (Y'omu ne leero.)
O, Ye Kristo, Eyakomererwa ow'e Kalivaaliyo.

267 T'omwagale leero n'omutima gwo gwonna, osobole okuva mu mbeera eno ey'ensi gy'olimu? Mmwe abakazi, nammwe abasajja, o, kiki ekikutuuzizza wano okumala ekiseera kino kyonna? Kiraga nti munda mu ggwe mulimu ekintu, mulimu ekintu ekirumwa enjala n'ennyonta. Tewandितudde wano kumala ssaawa zino bbiri oba ssatu, nga otudde mu kizimbe nga kino; waliwo ekintu. T'okigondere leero? Leka emisono ne ssaayansi, n'ebintu bino byonna eby'ensi, byamuke endowooza

yo mu kaseera kano kennyini, muganda wange omwagalwa oba mwannyinaze omwagalwa.

Amakanisa gali mu kwegatta, amawanga
ag'ekitalo gasasika, Isiraeri egolokoka,
Obubonero bannabbi bwe baalagulako;
Ebiseera by'Ab'amawanga biweddeyo, nga
bijjudde entiisa;
"Mukomeewo, Ayi mmwe abaasaasaana,
mudde ewammwe."

Olunaku olw'obununuzi lusembedde,
Emitima gy'abantu gizirika olw'okutya;
Mujjuzibwe n'Omwoyo, mulongoose ettabaaza
zammwe zaake bulungi,
Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe
busembedde.

Bannabbi ab'obulimba balimba, Amazima ga
Katonda bageegaana,
Nti Yesu Kristo ye Katonda waffe.

268 Kati, ekyo kituufu. Ekyo mukimanyi, ffenna, mu biro bye tulimu. Naye Yagamba nti:

Walibaawo Omusana mu kiseera
eky'akawungeezi,
Ekkubo erigenda mu Kitiibwa mazima ddala
oliriraba.

269 Ekyo kye kiseera kye tulimu kaakano. Omusana gulyaka mu kiseera eky'akawungeezi nga enzikiza etandiikiriza okukwata, ekitangaala eky'akawungeezi, emmunyeenye ey'akawungeezi.

Walibaawo ekitangaala eky'akawungeezi
n'emunyeenye ey'akawungeezi,
Oluvannyuma lw'ebyo ekizikiza kikwate!
Nsaba waleme kubaawo nnaku
olw'okwawukana,
Nga mmaze okulinnya ekyombo.

Kubanga wabweru wonna wajjudde bbanga na
biseera,
N'amataba gayinza okuntwala ewala,
Naye njagala ndabe Omugoba wange maaso ku
maaso
Bwe ndiba nsomose emitala.

Tonnyinyonnyola, nga okozesa emiwendo
n'ebibalo,
Nti obulamu kirooto bulooto ekitalina
makulu!
Nti n'emmeeme ebongoota nfu,
N'ebintu tebiri nga bwe birabika.

Weewaawo, obulamu bwa nnamaddala! Era obulamu bwa muwendo mungi!
Era amagombe si y'enkomerero yaabwo;
Kubanga ggwe oli nfuufu, ne mu nfuufu mw'olidda,
Tekyayogerwa eri mmeeme.

Obulamu bw'abantu bonna ab'amaanyi butujjukiza
Nti naffe tusobola okufuula obulamu bwaffe obw'ettendo,
Ekiseera kyaffe eky'okugenda, bwe kituuka, ne tulekawo,
Ekisinde ky'ebigere mu musenyu ogw'ebiseera;

Ekisinde ky'ebigere, nti oba oly'awo,
Omulala yenna aliba ayita mu kkubo ly'obulamu,
Ow'oluganda aweddemu essuubi era asobeddwa,
Bw'alikiraba, aliguma omwoyo.

Kale, leka tugolokoke, tukole,
N'omutima ogumaliridde okweŋŋanga olutalo lwonna.
Tuleme kuba nga nsolo ezitoogera!
Wabula tubeere bazira mu lutalo!

270 Ayi Katonda, Babo. Ndabye abasajja babiri nga bayimiridde ku bigere byabwe, Kitaffe. Nkusaba, ayi Katonda, Obasembeze kaakano. Baagala kubeera baana Bo. Bavudde mu butamanya obw'obulamu bwe babadde batambuliramu, era kaakano baagala okuzzibwa obuggya, bazzibwe buggya, n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu ku Nsigo eyo eyasigiddwa mu mitima gyabwe olwa leero. Katonda Ataggwaawo, Omutonzi w'ebintu byonna, Eyakola Ekigambo Kyo, era nzikiriza nti Wakimanya nti abasajja bano kino balikikola enkya ya leero. Nkusaba, ati Mukama, Ofukirire Ekigambo ekyo, emisana n'ekiro, era tokkiriza Ssetaani okubasikula okubaggya mu mikono Gyo. Leka lumu gubeere omuti, mu Lusuku lwa Katonda olw'okwesiima, byonna bwe biriba bikomezeddwaawo, kubanga Ekigambo Kyo tekisobola kulemererwa, bijja kukomawo. Kubanga ensi eno . . .

271 Era tewalibaawo nkyukakyuka ya bugunjufu ya ngeri eno mu nsi egenda okujja. Tewalibaayo mmotoka yadde ekintu kyonna ssaayansi kye yali akoze. Tewalibaayo bintu bya ngeri eyo mu nsi ejja. Naye eriba nkyukakyuka ya bugunjufu eya Katonda nga Ye gy'Aliteekawo mu bufuzi obw'ekitiibwa. Kubanga mu nkyukakyuka y'obugunjufu eno mulimu endwadde, okufa, ennaku, entaana, wamu n'okwetaaga. Naye mu Bwakabaka buli obugenda okujja, teri kufa, teri nnaku,

teri ndwadde, teri kukaddiwa. Ai Katonda, buli kimu kiriba kipya, mu nkyukakyuka y'obugunjufu Bwo.

272 Ayi Katonda, tukyuse leero, n'amaanyi Go, nga ozza buggya endowooza zaffe, tukyuke okuva mu bintu by'ensi eno ebitaliimu makulu, tudde eri Ekigambo kya Katonda. Era leka tuzzibwe buggya olw'amaanyi ga Katonda agakyusa agakka ku Nsigo eri mu mutima gwaffe, tusobole okukkiriza, okufuuka ebitonde ebiyitibwa abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Kuno kwe kusaba kwange gy'Oli, ayi Kitaffe, ku lw'abantu, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

273 Kati eri mmwe abali ku mpewo, wonna wooli, njagala okkirize Kristo eyo gy'oli, nga Omulokozi wo, era ojjuzibwe n'Omwoyo We. Ebigambo ebyogeddwa enkya ya leero, ka Binnyikire mu mutima gwo. Era osembeze Yesu eyo gy'oli. Olwo weetegereze obulamu bwo, olabe kye bunaabeera oluvannyuma lw'ekyo. Era otwale Akasengejja k'omuntu alowooza wano. Bw'olaba nga olina ky'okola ekikontana n'Ekigambo kino, kyamuke, mu bwangu ddala. Okiraba? Kubanga, waliwo Akasengejja akatangira okufa okukutuukako, nga kye Kigambo kya Katonda. Ebigambo Bye Bulamu, era Bijja kukutangira okuva eri okufa.

274 Kaakano eri mmwe abali wano mu kizimbe, mbakuumidde wano okumala ebbanga ddene. Mbeebaza olw'okujja ne mubeerawo. Nsaba Ensigo eno Katonda aleme kugiganya kufa. Ka nsuubire nti temulowooza nti nnyimirira wano ne njogera ebintu bino olw'okwagala okubeera ow'enjawulo ku mmwe. Mbyogera lwa kwagala; n'olwokuba nkimanyi nti nga nkyali mu mubiri guno ogufa, mwendi kati, kye kiseera kyokka mwe nsobolera okubuulira eri abantu. Era njagala Yesu Kristo. Ye Mulokozi wange. Era mujjukire nti, nnandibadde bweru eyo ku luguudo singa si Ye. Nnandibadde bweru eyo; bazadde bange bonna, abantu bange bonna, baali boonoonyi. Naye Katonda, olw'amaanyi Ge agakyusa, mmanyi ganfuula ekitonde eky'enjawulo. Era nsobola—nsobola okugakutendera, nti malungi. Era gajja kkukuuma mu biseera eby'ebizibu. Ne mu kufa, bwe kuba kusembedde, toba na kutya. "Tewali kintu kyonna kiyinza kutwawukanya na kwagala kwa Katonda, okuli mu Kristo." Nsaba Katonda abawe omukisa buli omu ku mmwe, era abawe Obulamu Obutaggwaawo.

275 Bameka abali wano abatalina Nsigo ya Katonda, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu? Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nzijukira, Ow'oluganda Branham, nange nfune Omwoyo Omutukuvu oyo." Kati twala Ekigambo mu—mu mutima gwo, era okikkirize. Kaakati bw'oba . . . Osobola okweraba. Genda otunule mu ndabirwamu, olabe wa w'oli. Olaba, osobola okumanya.

276 Oyinza okugamba nti, "Nze, ssiyimusizza mukono gwange, kubanga nzikiriza mmulina."

277 Weerabe mu ndabirwamu, olabe mwoyo kika ki ogukulimba, olaba. Endowooza ey'obulimba! "Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa." Si bwe kiri?

Wansi ku musaalaba Omulokozi wange kwe yafiira,
Wansi awo we nnakaabira olw'okunaazibwako ebibi;
O, awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa . . .

278 Muzibirize amaaso gammwe, okumala akaseera katono, tuluyimbe gy'Ali. Leka tuyimuse emikono gyaffe.

Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye! (Erinnya Lye ery'omuwendo!)
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
Awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri E . . .

279 Njagala mmwe Abakristaayo mukwateko mu ngalo, z'abo abalokose.

Nnalokolebwa okuva mu kibi mu ngeri eyewuunyisa,
Yesu mu mirembe egy'ekitalo atuula mu nze,
Awo wennyini ku musaalaba we yannyingiriza munda;
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye! (Erinnya ery'omuwendo!)
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
O, awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

280 Omanyi, mu Musaayi mwe mubeera akaweke ak'Obulamu. Bino mbyogera eri abo abatamumanyi:

O, jangu eri Ensulo eno ennungi era ejjudde okwagala;
Teeka emmeeme yo eri obubi ku bigere by'Omulokozi;
O, gyennyikemu olwa leero, ojjuzibwe;
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

O, ekitiibwa kibe eri . . .

Tukoteke emitwe gyaffe kaakano nga bwe tuluyimba.

Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
Awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

281 Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Pawulo yagamba nti, "Nnaayimbira mu Mwoyo. Nnaasinziza mu Mwoyo." Leka tuddemu tuluyimbe mu ngeri enseneekerevu, nga tuyimusizza emikono gyaffe waggulu.

282 Omanyi, omutawaana guli nti, ffe Abapentekoote, twaviibwako essanyu lyaffe, twaviibwaako ebbugumu lyaffe. Nga Billy Graham bwe yayogera ekiro kya luli nti, "Ababuulizi bali, abaalina ebitogi ebyeru, abaali bagenda mu Bukiikaddyo, nga bwe bakuba mu ngalo, bwe bakuba ebigere byabwe wansi, nga bwe bakuba ebigere ku ttaka, waliwo ekyali kibasanyudde." Weewaawo, weewaawo, nange nnina Ekintu ekinsanyusa. Mukiraba? Mukiraba? Weewaawo. Weewaawo, tetukyalina bbugumu lyaffe.

283 Kati leka tuyimuse emikono gyaffe. Temufaayo ku maziga, tegalina buzibu bwonna, olaba. Tegalina buzibu. "Oyo agenda nga asiga, mu maziga, awatali kubuusabuusa alikomawo nate, nga aleeta ebirimba eby'omuwendo." Ddala bwe kiri.

Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye! (Erinnya ery'omuwendo!)
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
Awo wennyini Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

Ekitiibwa kibe eri. . . (Ai Katonda! Katonda atenderezebwe!)
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

Nkusaba Onnyikize Ensigo, mu mutima, ayi Mukama!

. . . Omusaayi we gwanaaliza omutima gwange;
Ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!

65-0911 Amaanyi Ga Katonda Agakyusa
mu Ramada Inn
e Phoenix, Arizona Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org